EDDOBOOZI LY'AKABONERO

Musigale nga muyimiridde okumala akaseera katono mu Kubeerawo kwa Mukama. Tusome okuva mu Kigambo Kye, mu kitabo ky'Okuva, essuula ey'oku 4.

> *. . .Musa n'addamu n'agamba nti Naye, laba tebalinzikiriza so tebaliwulira ddoboozi lyange: kubanga balyogera nti* MUKAMA *teyakulabikira.*
>
> MUKAMA *n'amugamba nti Kiki ekiri mu mukono gwo?. . .n'ayogera nti, Muggo.*
>
> *N'ayogera nti, Gusuule wansi. N'agusuula wansi, ne gufuuka omusota; Musa n'adduka mu maaso gaagwo.*
>
> MUKAMA *n'agamba Musa nti Golola omukono gwo, ogukwate akawuuwo. (n'agolola omukono gwe, n'agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe:)*
>
> *Balyoke bakkirize nti* MUKAMA *Katonda wa bajjajja baabwe, Katonda wa Ibulayimu, Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo, nti akulabikidde.*
>
> MUKAMA *n'amugamba nate nti Teeka omukono mu kifuba kyo. N'ateeka omukono gwe mu kifuba kye: bwe yaguggyaamu, laba, omukono gwe nga gulina* ebigenge *ng'omuzira.*
>
> *N'ayogera nti Guzze omukono gwo mu kifuba kyo. (N'aguzza omukono gwe mu kifuba kye, bwe yaguggya mu kifuba kye, laba, nga gufuuse ng'omubiri (gwonna)).*
>
> *Awo olulituuka bwe batalikukkiriza era bwe bataliwulira ddoboozi lya kabonero ak'oluberyeberye, balikkiriza eddoboozi ly'akabonero ak'okubiri.*
>
> *Awo bwe batalikkiriza bubonero buno bwombiriri era bwe bataliwulira ddoboozi lya kabonero ak'okubiri, olisena ku mazzi g'omugga n'ofuka ku lukalu: amazzi g'olisena mu mugga galifuuka omusaayi ku . . . lukalu.*

2 Tukoteke emitwe gyaffe tusabe. Kaakano nga olina ky'oyagala kisabirwe, akawungeezi kano, kye wandyagadde okutegeeza Mukama, yimusa buyimusa omukono gwo ogambe nti, "Mukama, nzijukira kaakano. Nnina ekyetaago."

3 Kitaffe Ow'omuggulu, tujja gy'Oli nate akawungeezi kano, nga tumanyi nti tukotese emitwe gyaffe okugyolekeza enfuufu mwe twava, era, nga ssinga Olwawo okudda, tuliddayo mu nfuufu. Naye nga tulina essuubi ery'omukisa ery'ekisuubizo ekiri mu Kristo, nti abo bonna abali mu Katonda Kristo alijja nabo wamu naye. Tu—tukwebaza Ggwe olw'ekisuubizo kino

eky'ekitiibwa. Era nkusaba, ayi Katonda, ojjukire abo bonna abayimusizza emikono gyabwe, n'ogwange, Mukama.

4 Nsaba, akawungeezi kano, nga essaawa eno ey'okukkiriza eggwaako, Owe abantu okukkiriza okw'amaanyi akawungeezi kano, Mukama waffe Yesu abeere wa nnamaddala nnyo eri buli omu ku ffe, waleme kubaawo munafu wakati mu ffe oluvannyuma lw'akawungeezi kano. Leka buli mwonoonyi ategeere nti ali mu Kubeerawo kwa Mukama waffe Yesu, era yeenenye ebibi bye, omutima gwe aguweeyo gy'Oli, era ajjuzibwe n'Omwoyo, mu ssaawa zino ezisembayo embi, nga bwe tulaba nga ziri nga ogusiikirize ogunene ogujja gumaamira ensi.

5 Tusaba, ayi Katonda, okuluŋŋamizibwa okuva eri Katonda, akawungeezi kano, olw'okwogera n'okuwuliriza. Leka Omwoyo Omutukuvu atwale olukuŋŋaana luno kaakano era amenyeemenye Omugaati gw'Obulamu eri buli omu kuffe okusinziira ku bwetaavu bwaffe, kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

Muyinza okutuula.

6 Nneesize nti akawungeezi kano tujja kusobola okutuukiriza ekyo kye tugezaako okuleetera abantu okulaba, obwa—obwannamaddala obuli mu kuba n'okukkiriza mu Katonda.

7 Kati, enkya olw'eggulo ku ssaawa munaana n'ekitundu, abo bonna abalina kaadi z'ab'okusabirwa bajja kusabirwa. Era okusobola okukasa nti tewali n'omu alekebwa, nga tafunye kaadi ya kusabirwa, buli kiro tubaako kaadi z'ab'okusabirwa ze tugaba. N'olw'enkya ajja kuzigaba, nga . . . ndowooza, nga ku ssaawa musanvu-n'ekitundu oba bwe zityo, nga olukuŋŋaana lunaatera okutandika. Kale abo bonna abaagala okusabirwa, omuntu yenna ku b'eŋŋanda zo, leka bajje bafune kaadi z'ab'okusabirwa. Mazima ddala bajja kwa—kwanirizibwa okufuna kaadi z'ab'okusabirwa. Era tugenda . . .

8 Njagala okusabira abantu, nga mbateekako emikono nga bwe mbasabira. Kati okukkiriza kwo bwe kuba tekusobola kusituka mu Kubeerawo kwa Mukama waffe Yesu n'omusembeza nga Omuwonya wo, naye nga okkiriza nti bwe tunaasaba ne tukuteekako emikono, nti ekyo kinaakuyamba, kale, weewaawo tuli wano okukola kyonna kye wandyagadde.

9 Ensonga lwaki nkirwisaawo, nnyo ddala, kwe kulaba buli omu yenna gwe nsobola, aba ayinza okukunukkiriza n'afuna Katonda okusinziira kw'ebyo. Era abantu be tulina si bangi nnyo ekiri awo. Waliwo . . . Ekizimbe si kinene nnyo, kale abantu be tulina si be bayitirivu ennyo. Era tusobola okukozesa olw'eggulo lw'enkya okusabira bonna be tulina wano, nga olw'eggulo tulukozesa olw'ekigendererwa ekyo, eky'okusabira abalwadde.

10 Era tuli wano okukola kyonna kye tusobola okuyambako okukugondezaamu ku bulamu, okuwewula omugugu, mu lugendo luno lwe tutambula.

11 Nate ekirala mu kaseera konna, omuntu yenna w'awulirira nti—nti yandyagadde okujja eri Mukama waffe Yesu, ne bwe kaba kaseera ki ak'olukuŋŋaana akaba kagenda mu maaso, jangu buzzi mu kaseera ako kennyini. Tolinda kutuusa lwe banaayita abo abaagala okulokoka. Tolinda kutuusa lwe banaayita. Jangu buzzi mu kaseera ako kennyini, okkirize Kristo, era vaayo ojje omwatule mu kaseera ako kennyini. Kubanga ekyo kye kigendererwa ekikulu eky'okubeera kwaffe wano, okulaba nga emmeeme zizaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda.

12 Kale kati, enkya lwa Ssande, era wajja kubeerawo Ssande sukuulu, amakanisa. Ensonga lwaki enkuŋŋaana zaffe tuba nazo olw'eggulo, ku Ssande, bwe butabaako lukuŋŋaana lwonna lwe tutaataaganya. Tukkiriza nti buli Mukristayo yenna agwanidde okubaako n'e—n'ekkanisa gy'ayita ekkanisa ye eyo gy'asabira. Buli Mukristayo yenna agwanidde okubaako ne w'akuŋŋaanira n'abakkiriza. Era wonna we mukuŋŋaanira, eyo ye kkanisa.

13 Kati, ssinga nnali mbeera wano, nnandibadde mu emu ku makanisa gano agali mu kitundu kino, abasumba bano abali wano, abakolagana, ge bakiikiridde. Lwaki? Kubanga batudde wano ku kituuti, abantu bonna basobole okubalaba, nti basemba ekigenda mu maaso. Bakkiririza mu buweereza obw'ekika kino, okuwonyezebwa okuva eri Katonda nga omuntu asabiddwa, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'ebirala. Bali wano okubuweera obujulizi. Be bampise n'okujja wano, nti oba oli awo obuweereza Mukama bwe yampa bunaayamba abagoberezi baabwe.

14 Kati nno oyo ye musumba yennyini, oyo anoonya emiganyulo gyonna egy'omwoyo gy'asobola okufuna, egy'ebyo byonna Katonda by'akola, nga agezaako nga bw'asobola okuyamba ekkanisa ye okweyongera mu maaso ku lwa Katonda. Mu butuufu omusumba bw'atyo mmuggyirako enkofiira nga mussaamu ekitiibwa.

15 Ate abasajja bano ekyo baakikoledde mu bugubi, nabo. Ekyo mukikkirize nti kituufu. Baakikoledde mu bugubi. Era mu butuufu nsi—nsiima abasajja ba Katonda bwe batyo ab'ekitalo, abeetegefu okutwala ekifo kyabwe n'obuvunaanyizibwa bwabwe okusinziira ku kulumirizibwa kwabwe, ne—ne bakkiriza. Katonda abawenga omukisa bulijjo!

16 Era nkakasa nga bajja kubakola bulungi. Kati, bw'oba nga wano oli mugenyi, noonya amakanisa g'ab'oluganda bano, gye gali. Bakyalireko enkya. Bajja kuba n'enkuŋŋaana ez'enjawulo, era waliwo n'abaweereza ab'enjawulo wano abajja okuba nga babuulira mu makanisa ag'enjawulo, era nga bwe kyalangiddwa. N'olw'ekyo mubeereyo enkya.

17 Kati enkya olw'eggulo, bw'onaaba oyagadde okujja mu lukuŋŋaana olusembayo, amazima tujja kuba basanyufu okuba

naawe. Amakanisa gonna, ebibiina by'amadiini byonna, lwa buli omu. Buli omu ayanirizibwa: Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abapentekoote, ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Kristo, ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Katonda, Abakatuliki, Abayudaaya Abasoddokisi, abatakkiriza nti waliyo Katonda, ggwe kyonna ky'oli. Tukwa . . . Oyanirizibwa.

"Oyinza okugamba nti, 'N'atakkiriza nti waliyo Katonda'?" Yee, ssebo.

18 Oyo atakkiriza nti waliyo Katonda ssinga anajja mu lukuŋŋaana n'atuula ne yeeyisa bulungi, naye ayanirizibwa mu ngeri y'emu nga omulala yenna. Ky'ekyo. Ekintu, ekyo kye kimutwagaza ajje wano, wabeewo ekikolebwa ekinaamuyamba okulaba obukyamu bwe, ajje eri Mukama. Kubanga tu . . . Mazima ddala.

19 Bameka abaali basomye ku kwolesebwa okwo akatabo akayitibwa Christian Business Men's magaziini kwe kaafulumya, nzikiriza n'obulala bu maga- . . ., okwali kwogera ku, *Okulengera e Bussuka-Ggiggi w'Ebiseera*? Kati ekyo kituufu, mukwano gwange. Ekyo tosobola kukisubwa. Nze—nze okuva ku olwo nnakyusibwa. Nkimanyi nti kya nnamaddala, kale nne—nne—nneesize nti tewali n'omu ku mmwe anaasubwa Eggulu eryo ery'ekitalo Katonda ly'ategekedde abakkiriza. Kubanga ssinga olirisubwa, wano ku nsi okozeewo ki? Kubanga, tomanyi ddi lw'oteekwa kuva ku nsi eno. Naye omanyi kimu nti, mu buli ngeri oli wa kugivaako. Kale ekyo bwe kiba nga kituufu, olwo tetwandibadde basiru abasembayo okugezaako oku—okumala ga . . . Tetusobola kumala gagendera ku kakisa konna. Olaba, jjukira bujjukizi, kkiriza Ekigambo kya Katonda na buli kisuubizo kyonna ekikirimu.

20 Ggwe weebuuze, kiki ekyavaako buli ndwadde, buli mutima oguluma, buli kufa, buli mutawaana, buli nnaku, omwana ono eyagongobala, ebintu bino byonna, abalema, bamuzibe, buli ddwaliro okuzimbibwa? Kiri lwa kuba omuntu omu waliwo akatundu ku Kigambo k'atakkiriza. Nga oyo yali Kaawa. Ssetaani yakamusiigirako busiigizi kabubi. Si kumunokolera, wabula yakamusiigirako akabubi, n'agamba nti, "Mazima . . . Mukama muyitirivu obulungi."

21 Ennaku zino muwulira nnyo ebyogerwa nga, Katonda bw'ali Katonda omulungi. Weewaawo ye Katonda omulungi, naye jjukira nti era Ye Katonda ow'obutukuvu, Katonda atayinza kubuusa kibi maaso. Omutango gwasasulwa dda, era olina kugukkiriza kusinziira nga Ye bw'ayagala. Ate jjukira nti, Ye Katonda ow'obusungu, Katonda ow'ekiruyi. Era nga oliyimirira mu maaso ga Katonda ajjudde obusungu, so si Katonda ajjudde obulungi n'okusaasira byokka. Akawungeezi kano Ye Mulokozi wo; ku Lunaku luli y'Aliba Omulamuzi wo.

22 N'olw'ekyo kakasa nti tobaako yadde n'ekimu ky'oleka nga tekikoleddwa, ow'omukwano. Te—tekijja . . . Tekigasa. To—tomala gakigalabanja. Beera mukakafu, oggweremu ddala akakunkuna, kubanga tolifuna kakisa kalala konna. Kano ke kakisa kokka k'olina, nga okyali wano ku nsi. Jjukira omusajja omugagga ne Lazaalo.

23 Waliwo olukonko lunene nnyo ddala wakati wo naye, omuntu yenna lw'atasomokangako, era lw'atalisomoka. Okiraba? Bw'o—bw'ofa, kiba kiwedde. Mmanyi abantu bagamba mbunno basaba n'ovaayo mu bifo ebyo, naye ekyo togezanga n'okikkiriza. Ekyo kikontana n'Ekigambo kya Katonda. Okiraba? "Omuti gye gwewunzikira, era gye gugwira." Ne Yesu yagamba, Ye kennyini, nti, "Waaliwo oluwonko, nti, omuntu bwe yabanga afudde n'agenda mu ggeyeena, nga tasobola (n'akamu) kujja mu Ggulu. Tewali muntu yenna yali alusomose, era tewaliba." Ekyo kimala, ku lwange nga bwe mmanyi. Yesu bw'aba yagamba nti bwe kityo bwe kyali, byonna bikoma awo.

24 Kale nno jjukira nti, akaseera kano ke kakisa k'olina, era akawungeezi kano kandiba nga ke kakisa ko akasembayo.

25 Osobola okutegeera kiki ekigenda mu maaso? Ssinga obadde osobola okiraba! Leka nsuubire nti temuulowooze nti bwe njogera bwe ntyo, nti ngezaako kubasendasenda okubaako n'omuntu omu gwe mutunuulira, oba okubaako omuntu gwe mbakkirizisa. Si kye nkola, munnange. Ngezaako kukuleetera kukkiriza Oyo gwe tuli mu Kubeerawo kwe mu kaseera kano. Yesu Kristo, Katonda yennyini alikusalira omusango ku Lunaku luli, ali wano nga yeeyoleka Mwene mu maaso go, ekintu kyennyini kye yasuubiza nti Alikikola mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

26 Ndowooza Ow'oluganda Price, enkya ya leero nga tuli ku ky'enkya, yatuwadde eky'okulabirako ekirungi eky'okuba nga otuuse mu kkoona, nga olina okuweta. Kyabanyumidde ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ddala kyabanyumidde. Kyasengekeddwa bulungi nnyo, nnyo ddala.

27 Kati nno, mujjukire nti, ebiseera ebimu obeerako mu kkoona, naye era tujjukire nti amakoona gano tulina okugaweta. Ekyo, nnakibuulirako olumu, ne nkiyita, *Amasaŋŋanzira*. Twesanga mu masaŋŋanzira, emirundi mingi, ne tuba nga tulina kukwatako *lino* ku mu makubo ag'enjawulo agaliwo.

28 Kati akawungeezi kano, mu ddakiika entonotono eziddako, njagala okukwata ku ky'okuyigako ekya—ekya: *Eddoboozi Ly'Akabonero*. Era kati kye twagala okulaba kiggulawo, akawungeezi kano, mu Kitabo ky'Okuva, era *okuva* kitegeeza "okufuluma; okufulumizibwa." Kati mugezeeko okuwuliriza nga bwe musobola.

29 Nnandyagadde okubuulira gye muli okumala akaseera, muli kibiina kirungi nnyo, naye ssirina bulungi ddoboozi. Bwe

nnyongera okulikakamukko katono, ebinaddirira mbimanyi. Nnina okusooka okuwummulamukko kati, okumala ennaku nga munaana oba kkumi, nga ssinnatandika lukuŋŋaana luddako. Mukiraba, olukuŋŋaana teruli lumu luno lwokka wano. Wabaawo enkuŋŋaana, buli lunaku, buli wiiki, buli mwezi, buli mwaka, mukiraba, naawe teebereza.

30 Kati lowooza ku biseera ebyo byonna, mwaka ku mwaka, tewabangawo yadde omulundi ogumu lwe yali ayogedde ekintu kyonna wabula amazima ddala, agatuukiridde; mu nnimi zonna, okwetooloola ensi yonna, emirundi musanvu. Mukiraba? Tewali muntu, wantu wonna, asobola kuggyayo kitaatuukirira ddala, nga bwe kyayogerwa, buli mulundi. Bw'Agamba nti ekintu bwe kiti kijja kubaawo, kituukirira ddala bwe kityo. Kyogerwa okumala wiiki eziwera n'emyezi, n'emyaka, nga, tekinnaba na kubaawo, naye era ne kituukirira ddala nga bwe kyayogerwa. Tewabangawo yadde omulundi ogumu lwe kyali kiremeddwa, era tekiriremwa, kubanga oyo aba Katonda. Kati, nze nsobola okulemererwa, nga omuntu. Temuntunuuliranga nga eky'okulabirako, kubanga nange—nange ndi nga mmwe, ndi mwonoonyi eyalokolebwa ekisa. Naye oyo aba Katonda, amaanyi agasukkulumye ag'obutonde, mukiraba, nga yeeyoleka Mwene. Ekyo talina kukikola, naye Ye yasuubiza nti Alikikola.

31 Yesu yawonya Ekigambo kiryoke kituukirizibwe. Ebintu ebyo yabikola Ekigambo kya Katonda kiryoke kituukirire.

32 Eyo ye nsonga lwaki Abikola leero, Ekigambo kisobole okutuukirira, kye mbanokoleddenga, buli kiro.

33 Kaakati mwetegereze nti Okubeerawo Kwe bwe kubeera okumpi, Okwo, ddala, kuleeta okukyamuka. Nga bwe nnagambye enkya ya leero nti, "Ekintu kyonna ekitaalimu kukyamuka kiba kifu." Era eddiini yonna yonna etaliimu kukyamuka, eyo ziika buziisi, nfu. Kuleeta okukyamuka. Atufuula balamu. Naye bwe tufuulibwa abalamu, tusaanye tujjukire Kiki ekitufudde abalamu. Kiki ekikikoze? Kubeerawo kwa Mwoyo Omutukuvu, Yesu Kristo wakati mu ffe, nga yeeyoleka Mwene nti Ye mulamu. Si omubiri ogulabika; mu kiseera ekyo, omubiri ogwo ogulabika bwe gulidda okuva mu Ggulu, ekiseera kiriba kiweddeyo. By'ebyo. Era tumanyi nti tuli, mu nnaku ezisembayo, ebintu bino we birina okubeererawo.

Kati, Katonda abaddeko n'okuva okuwerako. Waliwo . . .

34 Buli kintu kitambulira mu busatu, eri Katonda. Katonda atuukirizibwa mu busatu. Okujja kwa Kristo okwasooka, *kununula* Mugole We; okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri, *kutwala* Mugole We; okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okusatu, *ng'ali* n'Omugole We, okufuga mu kufuga okw'Emyaka Olukumi. Buli kintu kitambulira mu busatu.

35 Kaakano, wabaddewo, wajja kubaawo, okuva kwa mirundi esatu. Okumu ku kwo, Katonda yabaleetera *munda* mu kyombo, olw'okuva, ne baseeyeeyeza ku nsi. Omulundi ogwaddako, Katonda n'abafulumya *okuva* mu—mu Misiri. Kati omulundi ogunaddako, Katonda wa kubasitula abatwale *waggulu*. Munda, ebweru, waggulu! Okuva okuddako kwa kugenda waggulu. Tulina kwe twolekedde kaakano, ekiseera eky'okugenda waggulu.

36 Nga n'obulamu bwe bukola ekintu kye kimu. *Tujja* mu bulamu, *tuva* mu bulamu, *tuzuukirira* obulamu, kintu kye kimu kyennyini. N'olw'ekyo tuli . . .

37 Kye tulabako akawungeezi ka leero kiggulawo ku kuva, era Katonda yali ategeka okutwala eggwanga Lye.

38 Isiraeri ggwanga eryetongodde. Katonda Isiraeri takolagana nayo nga akolagana n'omuntu kinnoomu. Isiraeri ggwanga eryetongodde, bulijjo bw'atyo bw'akolaganyenga nabo. Era mu nnaku ez'oluvannyuma, o—oluvannyuma lw'okugenda kw'Ekkanisa, Katonda ajja kulokola Isiraeri nga eggwanga. Bali ku butaka mu kaseera kano, bakyetegekedde. Era bajja kulokolebwa, Bayibuli egamba nti, "Eggwanga lirizaalibwa mu lunaku lumu." Katonda Abayudaaya takolagana nabo nga omuntu kinnoomu. Akolagana nabo nga eggwanga, Isiraeri, bulijjo, kubanga ggwanga Lye.

39 Era wuuno ategeka okuggya eggwanga Lye mu ggwanga eddala, mu kuva, okuggya abantu Be mu musango.

40 Era amazzi gennyini agaabuutikira ensi, ge gaalokola Nuuwa. Okiraba? Kale n'Omwoyo Omutukuvu yennyini, abantu gwe bagaana leero, y'agenda okutoola Ekkanisa agitwale waggulu, era aleete omusango olw'obutamukkiriza.

41 Yesu yagamba, bwe baamuyita, "Beruzebuli," amakulu nti yali, "mulubaale," ba . . . Yagamba nti, "Ekyo nkibasonyiye," (Omwana w'omuntu, ssaddaaka yali tennawebwayo.) "naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja ne mugeza mumukola ekintu kye kimu, ekigambo kimu kyokka ekimuvvoola tekirisonyiyibwa mu nsi eno ne mu nsi ejja."

42 Alina okugaanibwa, olwo omusango gulyoke gukke oluvannyuma lw'ekyo. Mulaba, omutawaana guli nti tu . . .

43 Kinzijukiza ekintu lumu kye nnasomako, ekyali kikwata ku mulunnyanja omu eyali ava ku nnyanja, n'o—n'omuvubuka Omungereza omuwandiisi w'ebitontome ate ye eyali agenda ku nnyanja. Kati omuwandiisi w'ebitontome ono yali awandiise bingi nnyo ebikwata ku nnyanja, naye nga tagirabangako, kale yali aserengetayo. Kati muzeeyi oli omulunnyanja n'amugamba, nga bw'atadde emmindi ye enkadde mu kamwa, n'agamba nti, "Ogenda wa, musajja wange omulungi?"

44 N'agamba nti, "Nserengeta ku nnyanja." N'agamba, "Ssigirabangako. Ngiwandiiseeko, n'ebyo abalala bye bagyogeddeko, naye," n'agamba nti, "ha, mpulira essanyu lingi nnyo okumanya nti nsemberedde ennyanja." N'agamba nti, "Ha, okuwulira olusu lwayo olw'omunnyo! Okulaba ku mayengo gaayo amanene nga gabimba ku ngulu ku yo, n'ekifaananyi ky'ebire ebya bbululu nga kirabisibwa mu mazzi, n'okuwulira enkunga nga bwe zigibuukirako, ha, mpulira essanyu buli lwe ndowooza okugirabako!"

45 Muzeeyi omulunnyanja n'agamba nti, "Nze nnazaalibwa ku nnyanja, emyaka nkaaga emabega, naye ssirina nnyo kirungi kiri awo kye ngirabako." Okiraba, yali agirabidde ebbanga ddene okutuusa nti yamufuukira kintu ekya bulijjo.

46 Kati ogwo gwe mutawaana oguli ku kkanisa ya Pentekoote leero. Balabye nnyo Katonda, okutuusa Katonda lw'afuuse ekintu ekya bulijjo gye bali. Temugiganyanga okukikola!

47 Gye buvuddeko wano, mu Louisville, e Kentucky. Eri gye nva, mu Jeffersonville, Indiana, osomoka mugga okutuukayo. Omukazi yali ayitaayita mu dduuka cakala cakala. Nga ali . . . yalina akalenzi ke yali asitudde, nga agenda ayitaayita mu masa wabula nga agira ne yecwacwana. Nga agira n'abaako ne ky'akwata, n'akiraga akalenzi; naye ne kakanula bukanuzi maaso. N'agenda awali amasa amalala, n'abaako ne ky'aggyayo n'akiraga akalenzi; naye era kakanula bukanuzi maaso. Ne wayitawo akaseera, n'akwata akade n'atandika okukanyeenya, naye era akalenzi ne kakanula bukanuzi maaso. Omukazi n'abaguka n'aleekaana, nga bw'awanika emikono gye mu bbanga. Abantu abaali mu dduuka nga bamulaba, kye baava bagenda gy'ali okuzuula kiki ekyali kiguddewo.

48 N'agamba nti, "Nnina . . . Katabani kange," n'agamba nti, "kalina emyaka esatu gyokka." N'agamba nti, "Njize . . . Kyabaawo lumu, omwaka nga gumu emabega, kaagenda ne keekanga ne kabeera awo nga katangaaliridde butangaalirizi mu bbanga." N'agamba nti, "Ne—ne nkatwala ew'omusawo," n'agenda mu maaso n'agamba nti, "omusawo n'abaako obujjanjabi n'eddagala bye yawandiika." N'agamba nti, "Naye omusawo yaŋŋambye leero, nti yabadde alowooza nti kafunyeewo ku njawulo. Naye," n'agamba nti, "tekalinaawo njawulo yadde." N'agamba nti, "Nkanyeenyerezza mu maaso, buli kintu ekisikiriza akalenzi ak'emyaka gyaako, okutunulako. Buli kintu ekisikiriza omwana ow'emyaka gye, nkimunyeenyerezza mu maaso, naye era asigadde atangaaliridde butangaalirizi." N'agamba nti, "Talinaawo njawulo yadde."

49 Ekyo kifaananamu nga ekkanisa ya Pentekoote. Katonda anyeenyezza buli kirabo, ekiri mu Bayibuli, mu maaso gaabwe, naye ne basigala nga batudde batangaaliridde butangaalirizi, nga gy'obeera nti kikyamu. Ekiseera kituuse tuzuukuke,

ab'emikwano, nga obudde tebunnayita. Mujjukire nti, Katonda tamala ganyeenya birabo ebyo okuggyako nga Ayagala okugezaako okusikiriza ebirowoozo byammwe.

Katonda yali afulumya eggwanga okuva mu ggwanga eddala.

50 Nga era bw'Akola kaakano, agenda kuggyayo Omugole okuva mu kkanisa, musigalemu abaliba basigaddewo ku zzadde ly'omukazi. Abalonde ba kuggyibwayo mu kkanisa. Ekkanisa ey'omubiri ejja kusigala wano eyite mu kibonyoobonyo. *Abalonde* oluusi bayitibwa "abeeroboze, abalonde, ensigalira."

51 Ka twetegereze bwe yakikola, kubanga Ye takyusa ngeri z'akolamu bintu Bye. Katonda alina engeri emu yokka gy'akolamu ebintu, era bw'atyo bw'Abikola, era y'eba engeri entuufu, bulijjo. Tulabe bwe yakikola, n'engeri gye yakikolamu, awo kino tujja kuba tusobola okumanya ebikikwatako.

52 Kati, mu butuufu, ndi muntu ageraageranya ebintu. Ssirina buyigirize. Nnina kusooka kutunulako mabega ndabe kye yakola. Era tuyigirizibwa nti, "Endagaano Enkadde yali kisiikirize ky'ebyo ebyali eby'okujja mu maaso." Kale ssinga ntunula wano nga ssirabanga ku mukono gwange, ne ndaba ekisiikirize ky'omukono gwange, nga nnina engalo ttaano, mba nja kuba n'ekifaananyi mu birowoozo byange nti bwe nnaalaba ku mukono gwange, nja kuba n'engalo ttaano. N'olw'ekyo ebyabatuukako byali bya kulabirako eby'engeri Katonda gy'akolamu ebintu, nga bw'Abikola kati.

53 Era engeri gy'Abikolamu, tagikyusaamu. Buli mulundi, mu Bayibuli yonna, takyusangako ku ngeri Ye gy'akolamu ebintu. Lubeerera eba y'emu, kubanga engeri Ye eyasooka gye yakikolamu ye ngeri etuukiridde. Kubanga, tasobola kuba na ngeri ndala yonna, kuba Ye atuukiridde, era, Ye, engeri Ze zonna zituukiridde. Weetegereze engeri gye yakikolamu.

54 Musa yayitibwa n'ayawulibwa Katonda okukola omulimu guno gwe ya, gwe yalina—gwe yakola. Katonda . . .

55 Kati, ndowooza, munansonyiwa ku kino . . . Kino ssimala gyakyogera. Nkyogera kuba, mu kituuti wano, ssi—ssirina kye mmanyi yadde era ssaagala kubaako na kye mmanya okuggyako Katonda yekka. Kati, ndowooza nti awo baganda baffe ab'enzikiriza y'Enkuba ey'Oluvannyuma we baatabulirwa, olaba, bateeka emikono ku bannaabwe ne babafuula bannabbi n'ebirala. Kati, ekyo tekiri mu Byawandiikibwa. "Ebirabo n'okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya." Ozaalibwa oli ekyo ky'oli. Okuviira ddala ku ntandikwa, oba ekyo, ky'oli.

56 Laba Abafalisaayo bali mu biro biri ebyayita. Baalinawo akatangaala katono ddala, kubanga baali basobola oku . . . baalina amateeka, era baali batambulira mu mateeka, naye munda mu buziba bw'emitima gyabwe nga waddugavu zzigizigi.

57 Naye waaliwo omukazi, malaaya, nga . . . obulamu bwe obulabibwa abantu *kungulu* buddugavu zzigizigi, nga amanyiddwa nga mwenzi, wabula munda mu buziba bw'omutima gwe yali yateekerwateekerwa okufuna Obulamu.

58 Era Yesu, Ekigambo, bwe yajja, Abafalisaayo bali ne bagamba nti, "Ono Omusajja Beruzebuli." Kyaleeta ki? Kyazikiza n'akatangaala akatono ke baalina.

59 Yesu n'agamba nti, "Mmwe muli ba kitammwe, ssetaani, era mukola mirimu gye."

60 Naye mukazi wattu ono, eyayonooneka bwe yajja, n'alaba Ekigambo kya Katonda, yakitegeera. Yali takitambuliramu, naye nga akimanyi. Era olwayogera kiti, n'agamba nti, "Ndaba nti Oli Nnabbi." Era Ye . . . Omukazi n'agamba nti, "Kino mmanyi Masiya y'alikikola."

Ye n'addamu nti, "Nze Nzuuyo."

61 Kiki kye kyakola? Kyalongoosaamu enzikiza yonna wonna ne weeruka. Lwaki? Mwalimu ensigo eyali munda omwo, ensigo eyateekerwateekerwa eyali mu . . . Yali kirowoozo kya Katonda nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo.

62 Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa kika kimu kyokka. Bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, kitegeeza ggwe kennyini wali mu birowoozo bya Katonda nga n'ensi tennatondebwa. Oli kulabisibwa kw'ebyo ebyali mu ndowooza Ye, kubanga Obutaggwaawo tebubangako na ntandikwa ate tebuliba na nkomerero. Oli kitundu mu bufuzi bwa Katonda, lubeerera. Kyeyoleka bweyolesi kati. Kirabisibwa kaakano. Basigazzaayo ekifaananyi kimu kyokka eky'okwoza, ekyo kwe kufa, olwo ekifaananyi ekibadde ku negatiivu kifuuke ekintu ekya nnamaddala, olwo obeere nga oli mu Mugole era nga oli ne Kristo, nga Ye bwe yalowooza. Nga omwami n'omukyala, leero, bw'atyo ne Katonda, Kristo n'Ekkanisa nabo bajja kuba kye kimu. Kati, abalonde, abaayitibwa!

Musa yazaalibwa, "nga mwana yennyini."

63 Bayibuli egamba, nti, omu ku bannabbi, Yeremiya, Katonda yagamba nti, "Bwe wali tonnaba na kutondebwa mu lubuto lwa nnyoko, nnali nnakwawula okuba nnabbi eri eggwanga."

64 Yokaana Omubatiza, weewaawo, yali yayogerwako mu Byawandiikibwa. Nga wabulayo emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri ajje, Isaaya, yagamba nti, "Oyo lye ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu nti, 'Mulongoose ekkubo lya Mukama!'" Nate nga wakyabulayo emyaka nga bina alyoke ajje, era tulaba, Malaki nga agamba nti, "Laba mbatumira omubaka Wange mu maaso Gange, okuteekateeka ekkubo mu maaso ga Mukama."

65 Okiraba, yayawulibwa nga tannabaawo. Ne wofiisi za Katonda ezo zonna bwe zaali, bwe baba nga ddala baayitibwa Katonda.

66 Bwe baba baatendekebwa butendekebwa okukiyingiramu, tebasobola kubaamu mulamwa, okiraba, tebasobola kuba kirala kyonna. Bw'oba ogirimu lwa kunoonya kya kulya, otunda obusika bwo olw'eky'okulya, ojja kwekkiriranya ogende n'ekibiina obubiina oba ekibinja kyonna. Naye bw'eba ya Katonda, oba ojja kuyimirira n'Ekigambo ekyo, ka kibe kiki, kubanga wazaalibwa kuyimirira nakyo.

67 Musa, tewali mulala yenna yali asobola kutwala kifo kye. Tewali mulala yali asobola kukola mulimu ogwo. Ye yali yayawulibwa okugukola.

68 Kale nno, baganda bange, mwannyinaze, bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, waliwo ekintu kye wayawulirwa okukola. Oba oli awo kuba mukyala omufumbo omulungi, oba oli awo ekintu ekirala, naye tewali ayinza kutwala kifo kyo. Katonda waliwo ekifo kye yakukolera. Togezaako kutwala kifo kya mulala. Okwo kuba kugeegeenya okw'omubiri, olaba, kiraga nti oliko ekikyamu. Beerera ddala ekyo kyennyini, ky'oli. Tewefuula ky'otali.

69 Kati, kati tukiraba nti Katonda yawa Musa obubonero obw'okukakasa bye yali yeeyita n'eby'okuyitibwa kwe.

70 Era buli kabonero konna akatuufu, buli kabonero konna akatuufu, akava eri Katonda, ka...kabaako n'eddoboozi erikagoberera. Kati kino temukisubwa. Kuno kwe kuyigiriza kwange okusembayo ku kino, okiraba. Buli kabonero konna akatuufu...Kati tulina obubonero obutava wa Katonda; Ssetaani kyenkana asobola okugeegeenya buli kintu kyonna. Naye akabonero akatuufu, akava ewa Katonda, kabaako n'Eddoboozi lya Katonda erikagoberera.

71 Katonda yagamba Musa nti, "Bwe batalikkiriza ddoboozi ly'akabonero akasooka, awo olikola akabonero kano akalala mu maaso gaabwe. N'eryo nalyo bwe bataliwulira, oddiranga amazzi n'ogayiwa ku ttaka." Era ako kaali kabonero nti balinnyikibwa mu musaayi gwabwe bennyini.

72 Weetegereze, nga era bwe yagamba nti, "Mukunkumulanga enfuufu ey'oku bigere byammwe. Sodomu ne Ggomola biriba n'okubonyabonyezebwa okuligumiikirizika, ku lunaku luli, okukira ekibuga ekyo ekigaana okubawulira."

73 Kati eby'ekkanisa *tetubizannya buzannyi nga kazannyo*, eno *ye* Kkanisa. Kristo ye Kkanisa. Tuli mu Kristo. Omubiri gwa Kristo ogutalabika na maaso, tuguzaalibwamu buzaalibwa. Tosobola kugwegattako bwegassi.

74 Mbadde n'ab'ennyumba ya Branham kumpi kati emyaka ataano mu etaano, ate tebansabangako kwegatta ku nnyumba eyo. Nnazaalibwa ndi omu ku ba Branham.

75 Era bw'otyo bw'ofuuka Omukristayo. Ozaalibwa buzaalibwa okuba Omukristayo, tokyegattako bwegassi. Obuzaalibwamu buzaalibwa. Buli omu okuzaalibwa akutya. Balina engeri ennyonjo ennungi ey'okuba nga abakwatako mu ngalo, oba okussa omukono ku ka kaadi, oba okumansirwako amazzi agalimu ku munnyo. Okwo si kwe kuzaalibwa. Okuzaalibwa kintu ekyesisiwaza. Okuzaalibwa kintu ekirabika o—obubi. Ssifaayo oba kuli mu kiyumba kya mbizzi, oba mu—oba mu kiraalo, oba mu kasenge k'eddwaliro akatimbiddwa obulungi; okuzaala kaba kavuyo, era kukufuula ekyesisiwaza. Waliwo ebintu by'otayagala kulekayo, toyagala kuva ku *kino, kiri,* oba *ekirala kyonna,* naye amaziga gajja kukunaazaako langi yonna mu maaso gakufuule omuntu ow'enjawulo. Bw'oba ozaalibwa ogw'okubiri, kijja kukufuula ekyesisiwaza, naye ojja kuvaayo nga oli kitonde kiggya. Okiraba? Ekyo tebakyagala. Balina engeri ennyangu gye baagala, omanyi, ate nga teri ngeri nnyangu yonna. Nga mu luyimba, bwe yagamba nti, "Nja kugenda n'abatono ba Mukama abanyoomebwa." Tayagala kutambulira mu bulamu bwangu.

Buli kabonero ka Katonda akatuufu kagobererwa Ddoboozi lya Katonda.

76 Kati ssinga omuntu akola akabonero mu ggwanga, oba ekiseera kyonna w'akakoledde, naye ne kiba nti eddoboozi ly'ayogera emabega waako si Kigambo kya Katonda, awo mukeegendereze, temukakkiriza. Ssinga wabaawo enjigiriza emu kw'ezo ezibaddengawo, omusajja n'asituka n'ayogera, n'alaga akabonero akavudde ewa Katonda, naye ate nga enjigiriza y'omusajja oyo bye bintu bye bimu bye bayigiriza mu matendekero g'eby'eddiini bye mubadde nabyo emyaka gino gyonna, ako akabonero Katonda si y'aba akasindise. Mutunuleeko mu Byawandiikibwa mulabe oba kyali kibaddewo. Mukebere mu Byawandiikibwa. Ssebo omusajja n'akomawo, n'agamba mbu, "Kati ffenna twagala twegatte ku *kino*. Kintu ekibaddewo ekyasalibwawo edda." Temubikkiriza ebyo. Ekyo tugenda kukiyingiramu, mu ddakiika ntono, olaba. Nedda, temubikkiriza ebyo.

77 Katonda bulijjo akakasa obubonero Bwe. Akabonero akava ewa Katonda bulijjo koogera Eddoboozi lya Katonda.

78 Kati bw'eba nga y'enjigiriza y'emu gye mubadde nayo, ate akabonero Aba awa kaaki? Musangiddwa nga era gye mulimu. Aba agezaako kukutuusa mu kkoona eryo. Akapande akakugamba nti yimirira! Akapande akakugamba nti kendeeza ku sipiidi! Tunula gy'olaga! Ojja kuwaba ogweeyo mu kkoona bw'otegendereza. Waliwo ekkoona ebbi, era bulijjo wabaawo

akapande nga tonnatuuka mu kkoona eryo, okukutaasa oleme kufuna kabenje. Omuzimbi w'enguudo omulungi ateekako obupande. Era oluguudo lwe tuliko lwe lugenda mu Kitiibwa. Kale akabonero bwe kaba koogera ku kintu kye kimu ekibaddengawo, ako kaba tekava wa Katonda.

79 Katonda aleeta obubonero okusobola okusikiriza ebirowoozo n'emitima gy'abantu Be. Obubonero buba bwa kusikiriza birowoozo na mitima gya bantu ba Katonda, obubonero bwa Katonda ekyo kye buli. Obubonero bwa Katonda buweebwa okusobola okusikiriza emitima n'ebirowoozo by'abantu ba Katonda.

80 Kati wano ekisaka ekyali kyaka ke kaali akabonero ak'okusikiriza nnabbi, okugezaako, kubanga nnabbi yali adduse okuva ku Katonda, bw'atyo Katonda kye yava ateekawo ekisaka ekyaka nga akabonero. Kale yalaba akabonero kano akaali keewunyisa; n'agamba nti, "Ka nneekoloobye ndabe akabonero kano akeewunyisa kye kategeeza, okuba nti eki—ekisaka kyaka ate nga tekisiriira." Kati Katonda yali asika birowoozo bya nnabbi We eyali yamuddukako. Yali asobola okufunayo omulala, naye Musa gwe yali yayawula olw'okukola omulimu ogwo era tewali mulala yali asobola kutwala kifo kye.

81 Mu lugendo, waliwo abalala abaagezaako okukikola, nga bwe mumanyi. Dasani yagolokoka n'ayagala okukigunjaamu ekibiina. Katonda n'agamba Musa nti, "Weeyawule. Mbamire bumizi." Mukiraba?

82 Katonda akolagana na muntu kinnoomu. Okiraba? Kati mwekkaanye kino, yali agezaako okusika ebirowoozo bya nnabbi, okuteeka nnabbi mu kifo kye ekituufu, mukiraba, kye yava Ateekawo akabonero k'ekisaka ekyaka.

83 Era, mwetegereze, Eddoboozi eryagoberera akabonero lyali Ddoboozi eryesigama ku Byawandiikibwa. "Mpulidde okukaaba kw'abantu Bange, n'okusinda kwabwe, olw'abo ababakozesa, ne nzijukira ekisuubizo Kyange." Amiina. Ekyo kimala. "Nzijukidde ekisuubizo." Eryo lyali Ddoboozi eryesigamye ku Byawandiikibwa. "Era nkutuma ogendeyo. Nzise okubanunula, era ggwe gwe ntuma."

84 Mujjukire nti, Katonda takola kintu kyonna awatali muntu. Ekyo mukimanyi? Ekyo abantu kye kibeesittaza. Mukiraba?

85 Ekyo kye kyabaleetera okwesittala ku Yesu. Baagamba mbu, "Oli Muntu, ate Weeyita Katonda." Yali Katonda, naye baali tebasobola kukitegeera. "Kale, Ggwe, Omuntu obuntu."

86 N'agamba nti, "Naye, bannabbi mubayita, 'bakatonda,' era n'amateeka gammwe ekyo gakikkiriza. Kati bwe muba mubayita 'bakatonda,' abo abajjirwa Ekigambo kya Katonda, muyinza mutya okunnenya Nze bwe ŋŋamba nti Nze Mwana wa Katonda?"

87 Mukiraba, bubonero, okusobola okusika ebirowoozo. Naye, mujjukire nti, ebirowoozo ssinga bisikirizibwa nga ate kye kintu kye kimu ekibaddengawo, oyo taba Katonda.

88 Naye kati Katonda agezaako okusika birowoozo bya nnabbi, era amuwa akabonero, nga n'Eddoboozi eryo eryagoberera akabonero lyali Ddoboozi lya mu Byawandiikibwa. "Abantu mbalabye. Mpulidde okukaaba kwabwe. Nzijukidde ekisuubizo Kyange."

89 Kaakati Katonda agenda kwogera nga akozesa Kigambo Kye ekyasuubizibwa. Ateekwa okutuma nnabbi We, kubanga Ekigambo kijja eri nnabbi. Bayibuli egamba, Katonda yagamba, ye Kennyini, nti, "Talina ky'Akola okuggyako nga Asoose kukibikkulira baddu Be bannabbi." Okiraba? Olwo, akabonero ne kalyoka kaweebwa, n'Ekyawandiikibwa ne kimanyika, eryo lye Ddoboozi ly'akabonero.

90 Mulaba Eddoboozi ly'akabonero, ka Musa? Okusooka, akabonero kyali kisaka ekyaka n'omuliro; Eddoboozi kye kyali Ekyawandiikibwa.

91 Musa ako ke yatwala nga akabonero Ke, n'aserengeta e Misiri n'akola akabonero Katonda kye yamugamba; era akabonero kaaliko Eddoboozi, era abantu ne bakkiriza ne bavaayo. Era buli lwe baatambulanga nga bagenda mu maaso, tebaalina buzibu bwonna; naye bwe baatandika okwemulugunyiza Eddoboozi, ne bakwama.

92 Mujjukire nti, Isiraeri baatambula. Mumanyi obuwanvu bw'olugendo gye baava? Bandibadde ba. . . Olugendo lwali lwa mayiro ana zokka, naye lwabatwalira emyaka kumpi amakumi ana. Lwaki? Lwakuba baatandika okwemulugunyiza Eddoboozi eryali livuddemu akabonero. Tebaakimanyaako n'akatono, nti bwe baali emmanga eyo ku lubalama nga baleekaana, n'okuzinira mu Mwoyo, nga Musa bw'ayimbira mu Mwoyo, baali babuzaayo ennaku ntono ddala. Naye baatandika okwemulugunya, ne baagala n'okukola ekintu ekyawukana; ne bamala emyaka amakumi ana mu ddungu, n'okuzikirira ne bazikirira olw'ekyo, ekyo bwe kiri, kubanga tebakkiriza. Katonda n'agamba nti, "Si ggwe gwe boogeddeko obubi, Musa. Nze gwe boogeddeko obubi." Eryo lyali Ddoboozi lya Katonda, teryali lya Musa.

93 Kati weetegereze, Yakuwa ajja kwogera nga akozesa Kigambo Kye ekyasuubizibwa, n'olw'ekyo ateekwa okutuma bannabbi Be. Ekyo, bw'oba oyagala okukiraba, kiri mu Luberyeberye 15:16. Tukiraba nti Katonda yagamba Ibulayimu nti, "Ezzadde lyo lirigenda mu nsi eno etali yaabwe, naye ndibaggyayo n'omukono ogw'amaanyi. Obujeemu bw'Abaamoli tebunnatuukirira." Ebisuubizo Bye byonna bye yawa, wano Asikiriza nnabbi, nga akozesa ekisaka ekyaka.

94 Kati ssinga ekisaka ekyaka kyagamba nti, "Musa, Katonda ye Katonda."

"Weewaawo, ekyo nkikkiriza."

95 "O, okola bulungi, Musa, weeyongere bweyongezi mu maaso n'ekyo. Wawasa omukyala omulungi ddala; mwana alabika obulungi. Mazima olina omutabani omulungi! Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Ekyo kye kintu kye kimu ekibaddengawo. Mukiraba?

96 Naye Ye yali mwetegefu okubaako ne ky'akola, n'olw'ekyo yalina okumusikiriza omusajja. Era omusajja yamuwa obubonero bubiri obw'okukola, n'agamba nti, "Buli kabonero kaalina Eddoboozi." Ekyo kikakasa nti ddala bwe kiri. Kati mwekkaanye Amaloboozi ago bye gaayogera, n'okutonda. Kati awo Yakuwa yali mwetegefu okwogera.

97 Nate, okujja kwa nnabbi kaba kabonero. Ekyo mubadde mukimayi? Okujja kwa nnabbi, eri omulembe, kaba kabonero.

98 Kati, ssitegeeza Dokita eyasomerera eby'Eddiini. Gwe ntegeeza si ye musumba omuwulize, omuntu omulungi. Abo bonna balungi. Bonna baweereza ba Katonda.

99 Naye nnabbi abeera kabonero. Bayibuli bw'etyo bw'egamba wano. Era akabonero ako kaba kaaki? Kaba kabonero akalaga nti Ekigambo Kye kinaatera okutuukirira, nga kituukirizibwa Eddoboozi ly'akabonero ka nnabbi ono.

100 Mwetegereze, okujja kwa nnabbi kaba kabonero akaba kalabula nti omusango gusembedde. Ekyo mubadde mukimanyi? Omusango guba gunaatera okukka bwe wabaawo nnabbi mu nsi.

101 Mujjukire nti, awatali kuwannaanya, alina okusooka, n'akakasibwa Katonda n'Ekigambo eky'omu mulembe ogwo, olwo n'alyoka akola akabonero. Kati awo weetegereze akabonero ako, biki by'alagula. Yagamba nti, "Bwe bituukirira, olwo mumuwulirize." Okubala 12:6. "Bwe bitatuukirira, mubyerabire." Akabonero k'Awa kateekwa okuba nga kabonero ka mu Byawandiikibwa.

102 Era ekyo ky'Awa nga akabonero, olumu, bw'Aba nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Agenda mu maaso nga ky'awa mu ngeri y'emu. "Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi." Be baali Ekigambo. Ne Yesu bwe yajja, Ye yali Ekigambo. Era Ekigambo kyategeeranga ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omu mutima, bulijjo emirundi n'emirundi. Kaakati weetegereze.

103 Okujja kwa nnabbi ono, bulijjo, kuwa akabonero, akalaga nti, "omusango gubindabinda."

104 Ka tusooke tuyimiriremukko okumala eddakiika ntonotono. Ssijja kulwawo nnyo. Leka tubeeko bye tulaba ebitonotono kati, okumala eddakiika nga kkumi. N'ekitundu ky'obubaka ekisigaddeyo, manyanga, okumala eddakiika kkumi.

105 Nuuwa, nnabbi ku nsi—mu nsi, yali kabonero ka musango ogujja. Musa, nnabbi mu nsi, akabonero k'omusango ogujja. Eriya, nnabbi mu nsi, akabonero k'omusango ogujja. Yokaana, nnabbi mu nsi, akabonero ak'omusango ogujja ku Isiraeri; baasalibwako ddala.

106 Weetegereze, akabonero! Akabonero kakola ki? Akabonero kaba ka kusika birowoozo bya bantu, na kutegeka balonde, baveewo nga omusango tegunnakka. Ky'ekyo Nuuwa kye yakola, yategeka abalonde. Kati abalala abaasigalawo, kiki kye kakola? Akabonero, n'Eddoboozi ly'akabonero, binenya oyo atakkiriza ne bimuteekerateekera omusango. Abalonde kabategekera okusimattuka. Akabonero ekyo kye kali. Obubonero buweebwa lw'ekyo, lwa musango oguba gubindabinda. Eri abalonde, bo bakalaba.

107 Nga omukazi oli eyalina omutima omulongoofu, naye nga omubiri mwonoonefu; n'Omufalisaayo eyalina omubiri omulongoofu, naye nga omutima mwonoonefu. Omu kaamusalira omusango, omulala ne kamulokola.

108 Era emisango gyennyini egyalokola Musa, gye gyanenya ensi; okubuulira kwe.

109 Kategeka abalonde. Abalonde kiki kye baba beetegekera? Bwe balaba akabonero akavudde ewa Katonda, bakebera mu Byawandiikibwa ne balaba oba ekyo ky'alina okubaawo. "Weewaawo, kaakano." Kiki? Musango ogubindabinda. Awo abalonde ne bawuliriza Eddoboozi.

110 Naye abo abatali balonde tebeefiirayo, bagamba bugambi mbu, "Ebyo temuli makulu. Mugende eri! Ffe tujja kugenda mu maaso n'enjigiriza y'emu gye tubadde nayo." Okiraba? Bwe batyo bwe baakola mu biro bya Luther. Bwe batyo bwe baakola mu biro bya Wesley. Bwe batyo bwe—bwe bakola ne kaakano, nga bwe bazzenga bakola.

111 Naye kaba kabonero, era kabaako n'Eddoboozi erigoberera akabonero. Era Eddoboozi litegeerwa nga Eddoboozi eriva mu Byawandiikibwa. Kati ekyo temukyerabira. Kati ekyo mukinyweze, kubanga nnyinza obutaddamu kubalaba nate.

112 Kale ssinga mbaddewo n'engeri gye nnyinza okujja emmanga eno ne nkuŋŋaanya bagande bange bonna, mu kaseera we baabeerera nga tebalina nkuŋŋaana za kudda buggya zigenda mu maaso, ne nsimbawo weema ne tutuula butuuzi, buli lunaku, ne nkiyigiriza okutuusa—okutuusa lwe kinnyikira ddala munda. Naye ekyo Ye tasobola kukikkiriza, ssisuubira. Mukiraba, tusemberedde nnyo enkomerero. Nzikiriza tuli ku nkomerero kwennyini kaakano.

113 Mu kitabo kyange wano, kye mpandiikamu ebintu ebibaawo. Mu 1933, lwali lumu ku makya, nga nneetegeka kugenda mu Ssande sukuulu, Ssande sukuulu y'Ababaputisiti eyo gye nnali nsumba, Omwoyo Omutukuvu yakka n'andaga ebiseera

by'enkomerero, n'andaga n'ebintu musanvu eby'okubaawo. Ne mbiwandiika wansi. Biri ku lupapula olukadde olwa kyenvu.

114 Yambuulira engeri yennyini Bugirimaani gye yali ey'okuzimbamu Ensalo ya Siegfried eyo, n'engeri Abamerika gye baali ab'okukubirwawo obubi ennyo ddala, emyaka kkumi na gumu nga—nga ensalo eyo tennazimbibwa.

115 Yayogera engeri Mussolini gye yali ow'okugolokoka, n'engeri gye yali ow'okugenda mu Esiyopiya, n'engeri eggwanga lya Esiyopiya gye lyali ligenda "okugwa ku bigere bye." Nti era yali wa kufa mu ngeri ya nsonyi, nga asulikiddwa, n'abantu be bamuwandulire amalusu.

116 Ne ŋŋamba nti, "Waliwo enkola z'eby'obufuzi ssatu: Obwannaakalyak'ani, Obwannakyemalira, n'Obwannazi. Zonna zijja kuwunzikira mu Russia, mu Bwannaakalyak'ani." Era enkola eno eri Obukatu-. . . erizikiriza Obukatuliki. Mutunule mulabe oba terikikola!

117 Ne ŋŋamba nti, "Wagenda kubaawo enkulaakulana ey'ekitalo!" Ne ŋŋamba nti, "Ndaba emmotoka ezifaanana nga eggi, nga zitambula ku luguudo. Waliwo emmotoka eziri ku nguudo, nga engeri gye zivugibwamu, tekizeetagisa kuzivuga. Ne ndaba nga waliwo ab'ennyumba emu Abamerika abali mu kuzannya akazannyo ka dulafuti emabega mu mmotoka." Mu kiseera kino emmotoka eyo weeri, tebannafuna bufunyi nguudo kwe bagivugira. Akamotoka ekika kya Volkswagen kikere ggi lyennyini, ddala, era waliyo n'emmotoka endala. Oyinza okukubamu akafaananyi, mu 1933, emmotoka bwe zaali zifaanana, ne kaakati?

118 Nate era n'Alagula, nti, abakazi baakukkirizibwa okulonda, na biki bye balikola. N'engeri eggwanga lino, nga bwe liri ekifaananyi, nga Isiraeri, bwe bajja mu nsi ne bagobamu ba nnansangwa baamu, ensi ne bagyezza. Era bakabaka abatono be baasooka okuba nabo, Dawudi ne Sulemaani, baali bakabaka abatya Katonda. Bwe waayitawo ekiseera, ne bafuna Akabu. Ne bamulonda. Entebe ejja ku. . . ekkanisa n'efuuka ya nsi. Naffe, twalina Lincoln ne Washington, naye laba ekiriwo leero. Laba gye twolekedde kati. Kiki ekiddako? Tuli ku nkomerero.

119 Era ako kabonero, kennyini, mu by'omubiri. Kategeka omulonde; ate ne kasalira, omusango, oyo atakkiriza.

120 "Nnabbi ono bw'aba nga nnabbi mutuufu, ne by'ayogera nga bituukirira," Bayibuli egamba, mu Kubala 12:6 nti, "muwulirizanga okulabula kwe, kubanga kuba kukakasiddwa nti si muntu buntu." Nna—nnabbi muntu. Naye Eddoboozi eriva mu kabonero akasukkulumye amaanyi ag'obutonde liba Ddoboozi lya mu Byawandiikibwa, liba likakasiddwa, okwo kati kuba kulabula.

121 Mujjukire nti, Bayibuli yawandiikibwa bannabbi. Mu Peetero Ey'okubiri, namwo, 1:21. Ne, mu Abaebbulaniya 1:1.

122 Empagi y'Omuliro, eri Musa, ke kaali akabonero, Eddoboozi lyali ligenda kwogera. Empagi y'Omuliro yalaga nti Eddoboozi lyali ligenda kwogera. Ako ke kabonero, Empagi y'Omuliro. Bantu mmwe ekyo musaanye okuba nga mukijjukira okuva mu Houston, gye buvuddeko katono.

123 Musa, nnabbi, akabonero eri Isiraeri, nti ekisuubizo kyali kibuzaayo katono okutuukirira. Musa bwe yajja n'akola akabonero ka nnabbi, baakitegeererawo nti ye yali ow'okubakuŋŋaanya awamu.

124 Ekigambo kya Katonda nga kituukiridde mu butebenkevu bwakyo, buli mulundi kiba kye kimu. Nga era bwe nnayogedde akawungeezi ka jjo, engeri Urimu Sumimu, na buli kimu, bulijjo bwe byanukuddenga eri Katonda.

125 Leka tuddemu nate tubeeko ne nnabbi gwe tulaba, mu kaseera katono, Yona. Nnawandiise wano essuula ya Yona esooka, essuula esooka ngirina wano ey'obunnabbi bwe. Yona okuva mu lubuto lwa lukwata, kaali kabonero. Mukiraba, abantu bali baali bakaafiiri. Baasinzanga balubaale ba nnyanja, era lubaale waabwe ow'ennyanja yali lukwata.

126 Kati abantu bangi bagezaako okusalira Yona omusango. Nze Yona bulijjo mbaddenga ssimunenya. Yona teyali bweru wa kwagala kwa Mukama. "Ebigere by'omutuukirivu biruŋŋamizibwa Mukama." Twagala nnyo okugamba mbu, "Oyo Yona." Naye leka tukitwale nga . . . nga bwe kiri, omulundi guno gwokka. Mmanyi yali ateekwa kugenda Nineeve, naye Katonda yamuleka n'alinya ekyombo ekyo ekyali kigenda e Talusiisi. Era Ye yaganya ennyanja okutabanguka.

127 Yona n'agamba nti, "Munsibe emikono n'ebigere. Nze nvuddeko emitawaana, kivudde ku nze." Ne bamukasuka ebweru. Waaliwo ekyennyanja ekyali kiwuga mu mazzi, ogwennyanja ogunene, ne gumira Yona. Ekyo bannassaayansi nkimanyi kibazibuwalira okukkiriza.

128 Wano ssi dda nnyo, mu Louisville, Kentucky, emyaka nga kkumi egiyise, baddira lu—lukwata ne bagigalamiza ku ki—ki lukululana. Waaliyo ka Ricky eyo, nga amagezi ge kalina mayitirivu okukamala nga tekasobola kwefuga. Kaali kagezaako okulimbisa Bayibuli. Ne kagamba nti, "Nkubuulire, wali owulidde ku lugero lwa Bayibuli luli olukadde, mbu lukwata yamira Yona." Ne kagamba nti, "Labayo, wali tosobola na kuyisa mupiira mu mumiro gwa lukwata, gwali mufunda nnyo. Kati omuntu omukulu omulamba yali ayinza atya okuyingira mu lubuto lwayo?" Ne kagamba nti, "Okiraba, lugero bugero olukadde, nga endala nnyingi ezijjudde mu Bayibuli."

129 Ekyo nnakirowozaako ne—ne kinsukkirirako. Ne ŋŋamba nti, "Ssebo, nnandyagadde okubaako ne kye njogera awo."

Ne kagamba nti, "Ggwe okyogerako ki?"

130 Ne ŋŋamba nti, "Olaba, Bayibuli tewagisoma bulungi." Ne ŋŋamba nti, "Bayibuli egamba nti eno lukwata yali ya njawulo. 'Katonda yategeka ogwennyanja ogunene.' Kino kyo kyali kyatondebwa mu ngeri ya njawulo okusobola okumumira, ye nsonga lwaki kyamumira! Tekyali kyannyanja kya bulijjo. Katonda waaliwo omulimu ogutali gwa bulijjo gwe yali agenda okukola, kye yava afuna ekyennyanja ekitali kya bulijjo." Okiraba? Okuva olwo teyaddamu kukyogerako. Kale, kiri nti, Katonda yakola ekintu eky'enjawulo.

131 Nga akawala akato, lumu, akaali kava mu kkuŋŋaaniro; nga kasaniridde otuviiri twako twonna nga katuzzizza emabega, nga twonna katusise, okutuusa nti obwenyi bwako bwali nga akatungulu akasusumbuddwa. Kaalina Baibuli yokka, nga bwe katambula.

132 Omuzeeyi ono ayitibwa Jim Dorsey yali abeera mu Utica. Yali mukaafiiri, eyali yawummula egy'amagye, era—era yali takkiriza mu Katonda. N'agamba nti, "Olagako wa, muwala?"

Ne kagamba nti, "Nzirayo ka, ssebo."

N'agamba nti, "Kiki ekyo ky'okutte mu mukono gwo?"

Ne kagamba nti, "Bayibuli."

N'agamba nti, "Togikkiririzaamu, si bwe kiri?" Era n'a . . .

Ne kagamba nti, "Weewaawo, ngikkiririzaamu, ssebo."

133 N'agamba nti, "Okkiriza ebirimu ebikwata ku lukwata okumira Yona?"

Ne kagamba nti, "Nga lwaki nedda, weewaawo, buli Kigambo ekigirimu nkikkiriza."

134 N'agamba nti, "Ogenda kukikakasa otya mu ngeri endala etali kukozesa kukkiriza, mmwe kye muyita okukkiriza?"

"Olwaki," ne kagamba nti, "bwe ndituuka mu Ggulu, ndibuuza Yona." Okiraba?

N'agamba nti, "Ate bw'atalibaayo?"

135 Ne kagamba nti, "Awo ggwe olimubuuza." Kale ekyo nnalowooza nga kwali kwanukula kulungi ddala okugolola ettumba. Era ndowooza nti ekyo ddala kituufu.

136 Ssinga Bayibuli yagamba nti Yona ye yamira lukwata, nnandikikkiriza. Yali asobola okugitegeka. Katonda ky'aba ayogedde, Katonda aba asobola okukikola, era bulijjo Atuukiriza Ekigambo Kye. Kale kati, Yona, tugenda ne tumusekerera . . .

137 Naye wali weetegerezza? Ekyennyanja bwe kiba kiwuga, kiba kyenoonyeza kya kulya. Era bwe kimala okulya, kikka eri wansi ddala ku ntobo ne kisimba wansi obugindu bwakyo bwe kikozesa okuwuga. Ggwe ojje oliise ekyennyanja kyo ekyo ekikuumirwa awaka olabe ekinnaddirira. Bijjuza embuto zaabyo, bwe bimala ne bikka wansi ne bisimba wansi

obugindu bwabyo bwe bikozesa okuwuga, ne bibeera eyo ne byewummulira.

138 Kati, n'ogwennyanja guno ogunene ogwali gutegekeddwa gwajja ne gumira nnabbi ono. Bwe gwamala ne gukka wansi ku ntobo yennyanja, oba oli awo nga ffuuti bibiri mu ana wansi eyo. Gwakkira ddala wansi, gwewummulireko eyo ku ntobo y'ennyanja.

139 Kati bulijjo tuba tulowooza ku Yona. Naye buli yenna agamba nti, "Kati nnasabirwa, naye omukono gwange tegukyukangako yadde. Nnasabirwa, naye ssiwulirawo njawulo yadde." Ggwe togezanga n'ovumirira Yona.

140 Kati weetegereze obubonero bw'emitawaana obwamuliko. Kati, ekisooka, yali eyo ku nnyanja eyaliko omuyaga, era nga avudde ku lugendo Katonda lwe yali amutumyeko. Nga emikono gye n'ebigere bisibiddwa. Yali akasukiddwa mu nnyanja eyaliko omuyaga, nga ewuluguma, era nga lukwata emumize n'ekka wansi ddala ku ntobo y'ennyanja. Kati nga ali eyo mu bisesemye, mu lubuto lwa lukwata, nga ebiddoddo by'oku nnyanja yenna bimwezingiridde mu bulago. Nga bw'atunulako *eno*, waliwo byenda bya lukwata. N'atunula *eri,* nga nayo byenda bya lukwata. Buli we yatunulanga, nga byenda bya lukwata. Ggwe yogera ku bubonero bw'emitawaana, bwonna ayinza okuba nga yabulina. Naye omanyi kye yayogera? Yagamba nti, "Obwo bulimba omutali. Sijja kuddamu kubutunuulira, naye omulundi gumu nate nnaatunuulira yekaalu Yo entukuvu."

141 Kubanga, Sulemaani, omuntu owa bulijjo ow'oku nsi, eyasaba nga awongayo yekaalu, yagamba nti, "Mukama, abantu Bo ssinga balibaako we bali mu mutawaana, ne boolekeza amaaso gaabwe eri ekifo kino ekitukuvu, kale owuliranga okuva mu Ggulu."

142 Kati Yona yalina okukkiriza mu Sulemaani bye yasaba. Era Katonda n'amununula okuva mu lukwata, oluvannyuma lw'ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Yandiba nga wansi eyo yateekayo ka weema akalimu omukka omuntu gw'assa. Ssimanyi kye yakola, naye yamukuuma nga mulamu okumala ennaku ssatu emisana n'ekiro, nga Ekigambo bwe kigamba. Ate Ekigambo kituufu.

143 Kati, bwe kiba nga Yona, mu mbeera ezo, yasobola okwolekeza amaaso ge eri ekkuŋŋaaniro eryazimbibwa abantu obuntu, kati ggwe nange tusaanye kusingawo kyenkana wa, akawungeezi kano, okutunuulira Yekaalu eyo Yesu mw'ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogw'Ow'ekitiibwa, n'Omusaayi Gwe Ye, nga yeegayirira okusinziira ku kwatula kwaffe, ku bubonero bwaffe obutono ennyo obwoleka embeera embi! Tonenya Yona, ate ggwe n'osigala nga otunuulidde embeera embi ekikuliko. Tunula eri ekisuubizo, "Katonda bw'atyo bwe yayogera!" Bwe muba nga mmwe baana

ba Ibulayimu, "Bw'atyo Katonda bwe yayogera!" Yakola ekisuubizo, era ekyo kimala.

144 Weetegereze, abantu bonna baali mu kuvuba, nga bwe basika obutimba bwabwe n'ebirala. Oluvannyuma lw'akaseera, ne wajja lubaale w'ennyanja, lukwata, ku misinde nga ayolekedde olubalama. Buli omu n'agwa ku maviivi ge. Katonda amanyi engeri y'okukolamu ebintu. N'atuukira ddala ku lubalama n'asowolayo olulimu lwe, era, ekyo bwe yakikola, ne wavaayo nnabbi nga atambula bw'ava mu kamwa ka lukwata. Nnabbi! Lubaale yawandula nnabbi ku lubalama kwennyini. Tekyewuunyisa okuba nga beenenya. Okiraba?

145 Ako kaali kabonero. Yona okuwandulwa lukwata, kaali kabonero. Kiki kye yakola? Ako kaali kabonero okuva ewa Katonda. Eddoboozi lyagamba ki? "Mwenenye oba si ekyo muzikirire, mu nnaku ana." Akabonero ka Katonda; n'Eddoboozi lya Katonda! Bwe kiba bulijjo, Katonda bw'asindika akabonero, Katonda aweererezaako Eddoboozi Lye emabega w'akabonero ako. Wekkaanye, "Mwenenye, oba si ekyo mu nnaku ana ekibuga kino kyonna kya kuzikirira."

146 Okulabika kwa nnabi Yokaana ku nsi, oluvannyuma lw'emyaka bina nga tewali nnabbi; okulabika kwe, kaali kabonero oluvannyuma lw'emyaka bina. Akaseera ako ak'akasiriikiriro!

147 Kati bw'oba oli wa mwoyo ojja kutegeera kye njogera. Nsaba Katonda aggulewo okutegeera kwammwe. Kitutte bbanga ki?

148 Emyaka bina, nga Isiraeri tebalina nnabbi, nga amakanisa gonna gagootaanye, ne walyoka wajja Yokaana. Yokaana yali nnabbi, akabonero akaali kalaga nti Masiya yali wa kwogera nga ye amaze. Mwekkaanye. Kubanga, Malaki 3 wagamba nti, "Ndituma omubaka Wange mu maaso Gange, okutegeka ekkubo, okuteekateeka abantu."

149 Laba Yokaana, mu ye temwalimu kweyagaliza. Teyatwalako kitiibwa kyonna. Baagezaako okumuyita Masiya; naye n'agamba nti, "Ssisaanidde na kusumulula ngatto Ze."

150 Naye Yesu olwalabika bw'ati, yalina akabonero, Empagi y'Omuliro, Ekitangaala waggulu ku Ye, mu kifaananyi ky'ejjiba nga likka wansi Eddoboozi ne lyogera nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe Nsanyukira."

151 Wekkaanye, era Yokaana amangu ago n'agamba nti, "Ateekwa okugulumira. Nze nteekwa okukkakkana." Ekkanisa n'agiwaawo eri Kristo. Amiina.

152 Tutegeezebwa nti, mu nnaku ez'oluvannyuma, ekyo kiriddamu ne kibaawo! Waliwo Obubaka obulijja, era nga obwo bwe bulyanjula Masiya eri abantu. Era buliba mu ngeri nti, bulibaleka bawuniikiridde nga bwe baakola ku luli.

Yakisuubiza. Essuula ya Matayo eddako, eya Malaki, ekyo ekitutegeeza. Weetegereze.

153 Baakibuuzaako. Obutonde bwa Yokaana bwamwoleka nti yaliko omwoyo gwa Eriya. Kati mwetegereze bannabbi bombi.

154 Kati, Eriya yali musajja eyasituka mu Isiraeri, mu biseera by'obusambattuko.

155 Akabu ye yali kabaka. Era abakazi bonna baali bakoppye Yezebeeri, oba oli awo nga balina n'emisono gy'enviiri enkomole entotobavu n'ebirala, mpozzi okufaananako nga bye tulina leero. Era bonna baali bagoberedde Yezeberi. Nga abasumba balowooza mbu tekirina mutawaana. "Mubaleke. Mubaleke babikole."

156 Mu kaseera ako, Katonda n'ayimusa omusajja okuva mu ddungu, eyali ayitibwa Eriya. Tetumanyi na kumanya gye yava. Teyalina na ssomero liraga nti lye yasomeramu. Naye yasituka, n'avumirira ebintu ebyo byonna. Enkola yonna yagivumirira.

157 Ssinga amala n'alabikako, leero, n'enkola yaffe gye tukolamu ebintu nayo aba wa kugivumirira.

158 Yavumirira buli Yezebeeri yenna. Era bambi, ku nkomerero ya byonna, omukazi oyo ye yakutula nnabbi. N'adduka, okufaananako ne Yokaana; n'agenda agalamira wansi w'omwoloola Yezebeeri bwe yali agenda okumutta. Omukazi oyo yali amukyawa.

159 Nate era tusanga nga Yokaana bwe yajja, nga naye ava mu ddungu, nga ayagala nnyo eddungu, n'obubaka nga bugenda butereevu eri abakazi ab'omulembe abaanoba ne bafumbirwa awalala, ate ne baddamu ne bafumbirwa, ekintu kyonna n'akisalaasala obulere. Tewali na ssomero lyonna mwe yava. Yava wa Katonda, musajja eyatumibwa Katonda. Era yavumirira abakazi ab'omulembe, yali mukakali nnyo gye bali, era nga takirumamu. Wabula yayogera kaati nti ekiseera kyali kituuse, Masiya yali agenda kwogera. Kitunuulire ekyo.

160 Kati geraageranya ebiro by'okujja kwa Eriya okwasooka n'abamu ku bano bannabbi ab'omulembe ab'ennaku zino, abaleka Bayezebeeri baabwe ne basala enviiri zaabwe, ne bambala empale ennyimpi, ne bafuuweeta ssigala, ne bakola buli kye baagala, ne babawabya batyo. Togeza n'obaako ne ky'oyogera, omukazi ajja kumunobako, afuneyo omulala. Nga babawabya n'ebiyiiye by'abantu; ekyo kya buswavu, enjigiriza z'abantu. Era, okuyita mu kukola ekyo, bafuula amateeka ga Katonda okuba agatalina makulu, kubanga basobola okwegatta ku kkanisa ne basigala nga bakyeyita Bakristayo, naye nga beekutte ku ddembe lyabwe ate ne bagamba mbu Bakristayo, ne bagenda mu maaso. Ky'ekyo kye baagala. Ky'ekyo kye baakola ne mu kiseera kiri.

161 Naye, mujjukire nti, kiri mu kiseera ekifaanana bwe kityo, nga Katonda bwe yasuubiza mu Malaki 4, nti Aliddamu n'atuukiriza Ekigambo nate. Ky'ekyo. Mulabe we tutuuse leero, ddala nga bwe byali mu biro bya Yokaana, era nga bwe byali mu biro biri ebirala.

162 Tunuulira nnamukadde ono Amos eyasituka, musajja wattu nga yenna akaddiye. Tetumanyi na gye yava. Yali mulunzi. Katonda yamutwalanga eyo ku ttale endiga n'ente gye biriira, nga, bw'amutendeka. Bwe yatuuka e Samaliya, era bwe yagolokoka n'ayambuka waggulu ku kasozi ako ku lunaku olwo, n'alengera emmanga eri. Nga akasana kaakayakana mu mutwe gwe ogw'ekiwalaata, n'obusulubu bwe obw'envi, nga amaaso ge gayimbadde gonna gatangalijja. Amaaso ge agalimu okutya Katonda gaatemereza mu kwekanga, si olw'ebintu abajjanga okulambula bye baalabanga nga bazze, naye olw'okuba ekibuga kyonna kyali kimaliddwaawo ekibi.

163 Omuntu ono owa wansi, atamanyiddwa y'ani? Weewaawo, ye Amosi, nnabbi. Yalagula mu biro bya Yerobowaamu ow'Okubiri, kabaka omujeemu, eyaleka abantu okwekolera buli kimu. Nga bakabona bonna babiwagira. Baazimba amakanisa agasingayo obulungi. Baayambala engoye ezisingayo obulungi. Nga abakazi baabwe bagwenyufu. Nga bambala nga bwe baagala. Abalambuzi baakuluumulukukanga okuva buli wamu, okujja okulaba abawala abalabika obulungi n'okwejeeguula kwabwe.

164 Embeera gye baalimu nga Amerika ddala ey'omulembe gwa leero, kyokka abateekwa okuba abantu ba Katonda. Naye nga tewali akyogerako yadde. Nga abantu balinga abaliko ekintu ekibasibye. Kkumi n'e- . . .

165 Kati emyaka giweze kkumi na munaana, leero! Muwala wange Rebekah awezezza emyaka kkumi na munaana, olwa leero. Kati emyaka kkumi na munaana, nga ntalaaga eggwanga lino, nga nvumirira ebintu bino. Naye we nkomerawo, buli mwaka, wabaawo abakazi abakomodde enviiri bangi okusinga bwe baali we nnatandikira.

166 Omubuulizi, Omupentekoote omututumufu yantwala mu kasenge, wayiseewo omwaka nga gumu, musajja mulungi, amanyiddwa, ensi yonna. N'agamba nti . . . "Ow'oluganda Branham, leka nkuteekeko emikono nkusabire."

Ne ŋŋamba nti, "Ssiri mulwadde."

167 N'agamba nti, "Naye waliwo ekikyamu." N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ojja kwonoona obuweereza bwo. Tewali ajja kukolagana naawe. Ky'ova olaba n'ababuulizi tebakolagana naawe; lwa ngeri gy'onenyaamu abakazi." N'agamba nti, "Abantu abo bakuyita nnabbi."

Ne ŋŋamba nti, "Ssigambangako nti ndi nnabbi."

168 N'agamba nti, "Naye bo balowooza nti ekyo ky'oli." N'agamba nti, "Nange kye kimu kye nzikiriza." N'agamba nti, "Wayitibwa kusabira balwadde." N'agamba nti, "Sabira abalwadde, naye abakazi baveeko. Obalumya."

Ne ŋŋamba nti, "Ntya?"

169 N'agamba nti, "Okuboogerangako olw'okukomola enviiri n'ebirala."

Ne ŋŋamba nti, "Ebyo bikyamu."

170 Bayibuli egamba nti, "Omukazi a—asala enviiri ze, bba aba wa ddembe okwawukana naye mu bufumbo." Kituufu ddala. "Aswaza omutwe gwe." Bayibuli ekyo ky'egamba. Kati ekyo ssimanyi oba mukyagala oba nedda, naye Bayibuli ekyo ky'egamba, mu Bakkolinso Ekisooka.

171 [Ebbanga ku lutambi—Omuk.]. . . obugoye obubamiima okutuusa nti omubiri guba kungulu. Bwe bamala ne ba—ne bajja wano, ne bagamba mbu, "Naye, Mwami Branham, ezo ze ngoye zokka ze batundayo."

172 Bakyalina jjoola z'engoye n'ebyalaani. Tewali kya kwekwasa. Abakazi Abaamishi n'Abadankaadi bakyazambala. Mazima ddala. [Ekibiina kikuba emizira—Omuk.]

Kati kiki ekiddirira? Bafuluma ebweru eyo ne beejeeguula.

173 Waliwo omukazi eyagamba nti, "Mwami Branham, nze nno, empale ennyimpi ssizambala. Nze nnyambala s-. . . " Baziyita batya zino, b-. . . [Waliwo ow'oluganda ayogera nti, "Binu ebituuka mu ntumbwe."—Omuk.] Yee. N'agamba mbu, "Nze ezo ze nnyambala."

174 Ne ŋŋamba nti, "Ate ezo mbi nnyo." Ne ŋŋamba nti, "Bayibuli egamba nti, 'Kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja.'" Ye kati eggwanga lya Amerika kino kintu kya kika ki ekyennyinyaza kiti! Mukiraba? Ky'ekyo.

175 Leka mbeeko ne kye nkubuulira, mwannyinaze. Oyinza okuba nga oli mulongoofu nnyo nga eddanga, eri balo oba eri muganzi wo, naye ku Lunaku lw'Omusango olyanukulira ogw'obwenzi. Yesu yagamba nti, "Buli yenna atunuulira omukazi, okumwegomba, nga amaze okwenda naye." Omwonoonyi oyo bw'aba akutunuulidde, era omukazi alina okwanukula ku Lunaku lw'Omusango. Ggwe omukazi gwe wamweraga bwotyo. Kola nga bw'oyagala. Uh-huh.

176 Omukazi atya Katonda kiki ekiba kimwambaza atyo? N'ova awo n'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu mbu olw'okuba wayogera mu nnimi ne weetala nga bw'odduka bw'ova muno bw'odda muli. Ate, oba, ebyo n'abakafiiri mbalabyeko nga babikola, Abakotentooti. Omwoyo Omutukuvu buba bulongoofu, butukuvu, si bwonoonefu. Mazima ddala.

177 Omusaja ono yagamba mbu, "Bw'oba oli . . . Bakukkiriza okuba nnabbi. Lwaki tobayigiriza ngeri ya kufunamu birabo bya mwoyo eby'amaanyi, n'engeri y'okubaako ne bye bakolera Katonda? Lwaki ebyo si by'obayigiriza bw'oba nga oli nnabbi?"

178 Ne ŋŋamba nti, "Nnyinza ntya okubayigiriza ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC zibalemye okuyiga?" Mumanyi *ABC* kye kitegeeza? "Bulijjo Kkirizanga Kristo." Uh-huh. Ekyo ogenda kukikola otya? Okiraba, ggwe oyagala wewanike waggulu *eri*, mu kifo ky'okutandikira *wano* wansi.

179 Katonda Ekkanisa Ye wa kugizimba ku musingi gwa Yesu Kristo, nga ogwo ye Bayibuli. Ebweru w'ekyo, awalala wonna musenyu ogukka. Katonda takyuka. Enkula Ye tekyuka.

180 Yakola abakazi nga baawukana ku basajja, n'abasajja nga baawukana ku bakazi. Yabambaza mu ngeri ya njawulo, era bw'atyo bw'ayagala basigale. Okiraba? Abakazi baagala kufaanana nga basajja, n'abasajja baagala kufaanana nga bakazi. O, bannange! Nga bwonoonefu bwa maanyi! Kiri . . . Ate ekintu kyonna, kiringa ekisibye abantu ggiribwa, nga tosobola na kukikyusa. Kifaanana nga ekikulekule, nga ekizikiza ekikutte zzigizigi; bwe muba mutegeera kye njogerako, mu mwoyo. Ekikulekule kyabakwata, te—tebasobola kukyesimattulako; Hollywood omuyitirivu, okulaba tereviizoni okususse, n'obugwagwa obulala bungi. Buli kimu kye tulina kyonooneddwa. Ky'ova olaba, "Ssinga omulimu tegusalwako, olw'abo Abalonde, tewajja kubaawo muntu alokoka."

181 Oyinza okugamba nti, "Ekyo mbadde ssikimanyi." Kati nno, okitegedde, okuva kaakano. Okiraba? Ekyo . . . Ka nkikomye awo ekyo. Leka tuddeyo. Weetegereze.

182 Yokaana yali kabonero. Ate jjukira nti, Katonda engeri gye yakikolamu omulundi ogwasooka, ye ngeri gy'Ajja okuddamu akikole nate. Yasuubiza okukikola. Kati, Katonda tewabangawo mulundi n'ogumu, lwe yali akozesezza kibiina kya bantu, ku kintu ekifaananako bwe kityo.

183 Mujjukire nti, lumu waaliwo ekibiina ky'abantu, nti, omusajja ow'ekitalo ayitibwa Akabu, bwe yeefunira . . . bwe yeefunirayo bannabbi Abaisraeri ebikumi bina. Kati, bannabbi abo tebaali bakaafiiri. Bannabbi Abaisraeri ebikumi bina. Bonna baalina digguli zaabwe na buli kimu, baalina ettendekero eddene.

184 Waaliwo omusajja atya Katonda nga ayitibwa Yekosofaati, nga ye yali kabaka wa Yuda, n'aserengetayo. Era awo omukkiriza we yeegattira n'oyo atakkiriza. Ebintu ne byonooneka.

185 N'agamba nti, "Lamosi Giriyaadi . . ." Kati kino mwetegereze, nga bwe kiyinza n'okuba ekituufu. N'agamba nti, "Lamosi Giriyaadi kyaffe, engulu eri. Engulu eri mu

kitundu ky'ensi eky'omu mambuka, kyaffe." Yoswa, bwe yali agabanyaamu ettaka, ekitundu ekyo yakiwa Isiraeri. Naye Abafirisuuti, abakafiiri, ne bajja ne bakibawambako. N'agamba nti, "Ekyo kitundu kyaffe."

186 Kati weetegereze engeri, abantu gye bayinza okuba abatuufu ddala, kyokka ate Ekyo ne bakisubwa. Mu butuufu ekintu kyali kya Isiraeri. Naye ebisuubizo bya Katonda byonna, ow'oluganda, bibaako obukwakkulizo, labayo, "Bwe banaatambuliranga mu maaso ga Mukama."

187 Kati mulabeeyo wano. Yagamba nti, "Munaagenda nange, munnyambeko okukomyawo ekitundu ekyo? Kuba, abo, baana ba Bafirisuuti be bali mu kwekkusa, ku ŋŋaano y'Abaisiraeri." Ekyo ddala bwe kiri mu Byawandiikibwa. N'agamba nti, "Munnyambeko twambukeyo tubalumbe."

188 N'agamba nti, "Nze, ebyange. . . " Awo yakola ensobi okupapa: "Amagaali gange gago, n'abasajja bange kyenkana baba babo. Nja kugenda naawe."

189 Kati awo Yekosofaati muli n'atandika okulowooza, nga bw'omanyi. "Naye, tetusaanye kusooka kwebuuza ku Mukama ku nsonga eno nga tetunnagenda?"

190 "O, kituufu ddala," Akabu nga y'agamba, "bwe kirina okuba. Uh-huh. Nsonyiwa. Ekyo nna—nnabadde nnina okusooka okukirowozaako."

"Wano tewali nnabbi yenna?"

191 "O, ddala. Nnina—nnina ba—bayitirivu mu ttendekero ly'eby'eddiini emmanga wano, abasingayo mu be wali olabye. Bambala engoye ezisingayo obulungi. Be basingayo okuba n'obuyigirize. Mbatendese, okukamala. Tujja kugenda tubakime."

192 Bwe batyo ne baserengetayo. Era bonna baakwatagana wamu. Tebaalimu bunnanfuusi. Ne basaba ne basaba ne basaba, okutuusa lwe baafuna okwolesebwa.

193 Oluvannyuma ne bavaayo. Omu ku bo ne yeekolera amayembe amenene abiri ag'ekyuma. N'agamba nti, "Gano g'ogenda okukozesa okusindiikiriza Abafirisuuti, manya a—Abasuuli okutuusa lw'onaabamala mu ggwanga." N'agamba nti, "BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Yambuka, Mukama ali naawe." Awo, bonna, mu bumu, ne bayingira mu mwoyo. Bannabbi Abaisraeri ne bagamba nti, "Yambuka, Mukama ali naawe." (Muyinza okugamba nti, "Ekyo kiri mu Byawandiikibwa?") "Katonda obusika buno yali yabuwa abantu, naye omulabe n'abweddiza. Olina eddembe okubweddiza."

Kati, Abapentekoote, njagala mubeeko ne kye muyiga wano.

194 Wabula, Yekosafaati, nga bwe yali omusajja atya Katonda, yagamba nti, "Wakyaliwo ekitali kituufu." N'agamba nti, "Temulinaayo mulala yenna?"

195 "Obuuza mulala, nga bannabbi ebikumi bina abatendeke obulungi bayimiridde wano?" Nga benkana nga abali wano wansi mu mwaliiro ogusooka. "Abassizza ekimu, ne bagamba nti, 'BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA.' Abakirondodde okuviira ddala eri emabega, ne bagamba nti, 'Ettaka lino Yoswa yalituwa. Lyaffe. Mugende mulyeddize!'"

196 Naye Yekosafaati n'asabayo omulala. N'agamba nti, "Teriiyo mulala yenna gwe tuyinza kuyitamu kwebuza ku Mukama?"

197 N'agamba nti, "Ha, waliyo omulala omu, wabula," n'agamba nti, "Ssimwagala." Uh-huh, uh-huh. N'agamba nti, "Ye Mikaaya, mutabani wa Imula." N'agamba nti, "Ssimwagala. Ye anjogerako bibi byereere."

N'agamba nti, "Kabaka aleme kwogera bw'atyo. Mugende mumuleete."

198 Awo ne babaako ababaka be baatuma okugendayo. Abamu ku bo ne bagamba nti, "Kati, Mikaaya, nnina kye njagala nkubuulire. Kati, okimanyi bulungi nti baakugoba, . . . -kugoba mu b'oluganda, gye buvuddeko, olw'okwogeranga ku bantu ebintu ebitali birungi. Naye kati bw'oba oyagala okukuddiza kaadi ey'obwa mmemba mu b'oluganda, yogera ekintu kye kimu nabo kye boogera, era, ha, bajja kukwaniriza mangu ddala."

199 Naye yasangibwa nnabbi yennyini. N'agamba nti, "Mukama Katonda nga bw'Ali omulamu, nja kwogera ebyo byokka Katonda by'anaateeka mu kamwa kange." Ha! Omusajja oyo Katonda amuwe omukisa. N'agamba nti, "Mulindeeko okutuusa akawungeezi, ndabe Mukama ky'anaŋŋamba."

200 Enkeera, n'agamba nti, "Okwambuka mwambuka, wabula ndabye Isiraeri nga basaasaanye nga endiga ezitalina musumba." Awo n'addira okwolesebwa kwe n'akugeraageranya n'ebyo Eriya bye yayogera, ebyatuuka ku Akabu. Yali ayinza atya okuwa omukisa ekyakolimirwa? Nga ne bwe ki . . .

201 Tuli ggwanga eritya Katonda. Ekkanisa y'Abapentekoote, ey'Ababaputisiti, n'ey'Abamesodisiti, n'endala, zonna kkanisa Enkristayo, naye oyinza otya okuwa omukisa Katonda ky'akolimidde? "Ssifaayo," oyinza okugamba mbu, "Nne—nneegatta ku *eno*. Nnakola *kino*." Ebyo tebirina we bikwataganira nakyo yadde n'akatono. Mulabe kye mukoze. Laba Abapentekoote, engeri gye bassa wansi omutindo. Mulabe kye mwali mu kusooka, mulabe ne kye muli kati. Ky'ova olaba, amaaso, amaaso gaaziba.

202 Awo oyo, Akabu, o . . . Kabona ono n'amupacca oluyi ku mimwa. N'agamba nti, "Mumuteeke," Akabu n'ayogera nti,

"mumuzzeeyo mu kkomera ery'omunda ddala. Bwe ndikomawo mirembe, ndimukolako."

203 Ye n'agamba nti, "Bw'olikomawo, awo nga Katonda si y'ayogedde nange." Uh-huh? Mukiraba? Nnabbi yaliwo, akabonero kaaliwo; n'Eddoboozi Lye lyaliwo. Era olw'okugaana okuligoberera lyaleeta omusango.

204 Omwoyo Omutukuvu ye nnabbi waffe leero. Olemeddwa okuwulira Eddoboozi Lye? Alabibwa mu Byawandiikibwa, yali wa kwogera ebintu bino. Yesu Kristo, mu kifaananyi ky'Omwoyo Omutukuvu!

205 Katonda yakolagana na musajja omu ono. Ono, Katonda takolagana na bibiina; akolagana na muntu omu yekka. Eriya teyali kibiina. Yokaana teyali kibiina. Ku bombi, tekuli yali kibiina kya ddiini. Wabula bombi baanenya ebintu bwe bityo. Ky'ekyo. Yokaana yagamba nti, "Temweyibaala kugamba mbu tulina jjajjaffe Ibulayimu. Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusiza Ibulayimu abaana."

206 Kati akabonero k'omu biseera eby'enkomerero kajja kuba n'Eddoboozi ery'enkomerero. Era akabonero k'omu biseera eby'enkomerero kajja kubaawo okusinziira ku ebyo ebyalagulwa mu Bayibuli. Ate lyo Eddoboozi ery'omu biseera eby'enkomerero, erigoberera akabonero ak'omu biseera eby'enkomerero, lijja kuba lisobola okulabibwa mu Byawandiikibwa, lijja kuba Byawandiikibwa byennyini ebyasuubizibwa.

207 Kati tusomye mu Lukka 17 akabonero k'omu biseera eby'enkomerero kye kaliba, kaliba nga bwe kyali e Sodoma, kisuubizo. Ate kati tulina Sodoma mu bintu eby'omubiri, lwaki tetukkiriza kabonero ka mu mwoyo wano? Bw'oba osobola okulaba Ebyawandiikibwa, nabyo biibino, Lukka 17 ke kabonero, ate Malaki 4 lye Ddoboozi. Akabonero kaali nti Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'amanya ebyama by'omu mitima; ate Eddoboozi lya Malaki 4 kwali kukyusa bantu kubaggya ku bikwate byabwe, okubazzaayo ku Kukkiriza kwa bajjajjaabwe. Ako ke kabonero.

208 Mbabuulire? Kati mmaliriza. Obubonero bulijjo butera okukkirizibwa, mazima ddala; naye, Eddoboozi, ha, nedda. Eddoboozi erigoberera akabonero, tebalyetaagirako ddala. Yee.

209 Akabonero ka Yesu, nga Masiya, ak'okuwonya abalwadde, ako baakakkiriza. Naye lwali lumu n'Agamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu."

210 Ha, bannange, eryo Eddoboozi tebaalikkiriza. Baagamba bugambi nti, "Weefudde Katonda, weegeraageranya ne Katonda."

N'agamba nti, "Nze Mwana wa Katonda."

211 "Ha, bannange, nga Katonda abeera atya n'Omwana?" Okiraba? "Kikafuuwe Katonda okuba n'Omwana!"

212 Naye, olaba, akabonero ko ba—baakakkiriza, n'abalwadde ne bawonyezebwa, era, ha, ekyo nga kyali kirungi nnyo, kyali kiyitirivu. Naye bwe gwatuuka ku Ddoboozi, Eddoboozi lyo tebaayagala kulikkiriza. Baakola ki? Baamugoba bugobi.

213 Ye mukimanyi nti? Bayibuli etugamba, mu Kubikkulirwa essuula ey'oku 3, mu Mulembe guno ogw'Ekkanisa ya Lawodikiya, nti era agenda kukolebwa ekintu kye kimu. Yali bweru wa kkanisa. Ekyo kye Kigambo nga kirabisiddwa. Ye yali Ekigambo nga kirabisiddwa. Era Ye omu akyali Ekigambo ekirabisiddwa.

214 Bw'oba osobola okukkiriza akabonero ka Sodoma, aka Lukka, bw'oba osobola okukakkiriza, ate lwaki tokkiriza Ddoboozi lya Malaki 4? Okiraba, lwaki, lwaki tolikkiriza? Lisobola okukakasibwa. Engeri yokka gye kisoboka okukolebwamu kwe. . . Akabonero kasobola okukakasibwa, naye oteekwa okukkiriza Eddoboozi.

215 Mu mubiri, Musa yatumibwa okuserengeta, afune akabonero ak'omwoyo ayite abantu okudda ku kisuubizo kya bajjajjaabwe.

216 Malaki 4 wa kuzzaayo bantu "kuddayo ku Kukkiriza kwa bajjajjaabwe." O, mukomeewo ewammwe, Mmwe abazibe, abaasaasaana!

217 Nga mmaliriza, leka njogere kino, eno ye nsonga esembayo. Nnabbi yagamba nti, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Mulabe, yagamba nti, "Walibaawo olunaku nga si misana ate si kiro." Kati muwulirize. Nga mmaliriza. "Walibaawo olunaku . . . " Kino leka kinnyikire ddala mu buziba, era nsaba Katonda akiteeke mu buli mutima gwa buli muntu, akawungeezi kano, ali mu kizimbe kino. Nnabbi yagamba nti, "Walibaawo olunaku olutasobola kuyitibwa misana oba kiro, nga lunaku lwa kiddedde, lwa lukubakuba, lukutte olufu. Naye," n'agamba nti, "mu kaseera ak'akawungeezi, walibaawo Omusana."

218 Kati, mujjukire nti, bulijjo enjuba eyaka eva Buvanjuba n'egwa ebugwanjuba. Okukulaakulana kw'amawanga kubaddenga kugoberera njuba. Ekyo mukimanyi. Era, labayo, enjuba y'emu eva Ebuvanjuba ye njuba y'emu egwa Ebugwanjuba. Kati, okukulaakulana kw'amawanga kutambuliddenga wamu n'enjuba, okutuusa kati Obuvanjuba n'Obugwanjuba lwe bisisinkanye. Tuli ku Lubalama olw'Ebugwanjuba; Obuvanjuba n'Obugwanjuba.

219 Era, mujjukire nti, n'Enjiri etambudde mu ngeri y'emu. Yatandikira mu Buvanjuba, okujja kwa Yesu Kristo, O-m-w-a-n-a, si e-n-j-u-b-a. ['Omwana' ne 'enjuba' biwulikika kye kimu mu Lungereza.—Omuvv.] O-m-w-a-n-a, Omwana wa Katonda, yava mu Buvanjuba, mu bantu b'omu Buvanjuba.

220 Naye kaakano wabaddewo ekiseera abantu we beegasse obwegassi ku kkanisa, ne bakola ebibiina by'amadiini, nga ekitangaala ekiriwo kimala kulaba bulabi nti, "Kati nno, tujja kuzimbayo ekkanisa. Tujja kuzimbayo *kino*. Tujja kuzimbayo essomero. Tujja kuzimbayo eddwaliro. Tujja kugunjula abantu. Tujja kuba n'ettendekero ly'eby'eddiini." Ekitangaala kye babadde nakyo kibasobozesezza kukola ekyo.

221 Wabula, mujjukire, Bayibuli egamba nti, nnabbi wa Mukama, mu Bayibuli, nga ekyo ye BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nti, "Enjuba y'emu eyayaka mu Buvanjuba ejja kuddamu eyake ne mu Bugwanjuba, mu kiseera eky'akawungeezi. Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi."

222 Alikola ki? Ekyo kikolera ddala kiri kyennyini kye yayogera mu Lukka essula ey'e 17. "Mu kiseera eky'enkomerero, nga Omwana w'omuntu abikkulwa mu ngeri y'emu nga bwe yabikkulwa mu Buvanjuba, nga Omwana y'omu ayaka, Amaanyi ge gamu, Omwoyo Omutukuvu y'omu, Ekintu kye kimu nga kikola ekintu kye kimu. Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi."

223 Enjuba y'emu ebaddenga etambula; n'O-m-w-a-n-a y'omu atambudde; okuva e Buvanjuba, okuva ku Pawulo; n'abuuka n'adda mu Bugirimaani, ku Martin Luther; n'addamu n'abuuka, ku kusika Kwe okuddako; n'ava awo n'agenda e Bungereza, ku John Wesley; n'abuuka n'asomoka Eriyanja Atlantic, n'agenda mu Amerika, ku Pentekoote; era kati Pentekoote eggweereddewo ddala, era tuli ku Lubalama.

224 Buli omu ku bo, yavaamu kibiina kya ddiini, nga era bwe baakola ku ntandikwa, baakola ekibiina Katonda kye yakolimira. Abapentekoote, n'abalala bonna, ekyo kye baakola.

225 Wabula yagamba nti, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi. Walibaawo akabonero akagolokoka mu kiseera eky'akawungeezi." Temugusubwa, ab'emikwano. Temugusubwa. Kati, Omwana y'omu ye w'okuwa Omusana gwe gumu. E-n-j-u-b-a y'emu evaamu ekitangaala ky'e-n-j-u-b-a kye kimu. O-m-w-a-n-a y'omu avaamu Omusana gw'O-m-w-a-n-a gwe gumu.

226 Kati, ebyo si bigambo byange. Mwenna wano, abamanyi nti ebyo Bayibuli y'ebyogera, muwanike emikono gyammwe. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekyo ddala bwe kiri.

227 Kati, osobola, kiri gy'oli. Kkiriza nti Omwana wa Katonda, Yesu Kirsto, waali, si mufu. Mulamu. Ali mu bwetowaze, mwetowaze. Bw'atyo bw'Abaddenga yeeyisa bulijjo. Okwambuka waggulu olina kusooka kukakkana. Mwewombeeke, muve ku ndowooza zammwe ez'obukakanyavu, mukkirize Mukama waffe Yesu. Mulabe akabonero, bwe mumala

mukkirize n'Eddoboozi. Mukomeewo, ewammwe, Mmwe abaasaasaana!

Leka tukoteke ku mitwe gyaffe.

228 "Kale bwe batalikkiriza Ddoboozi ly'akabonero akasooka, mu mukono, nga bwe gwali ku Musa, awo okolanga akabonero ak'okubiri. Era, n'akabonero kano bwe batalikakkiriza, osenanga ku mazzi (amazzi nga gooleka bulamu) agali mu liyanja oba mu nnyanja, n'ogayiwa ku ttaka, nago galifuuka omusaayi."

229 Kitaffe Ow'omuggulu, obudde bugendedde ddala kaakano, naye wasuubiza nti walibaawo Omusana akawungeezi. Leka Eddoboozi ly'Enjiri yaffe linnyikire buziba mu mitima gy'abantu, nga bwe bagifumiitirizaako n'okugisoma nga bakozesa Ekigambo.

230 Wa ekibiina kino omukisa, Mukama. Wa abantu bano omukisa. Laba bwe batudde wano, abaana abayala, bambi abasindiikiriziddwa ne banyigirizibwa eno n'eri, ne *kino*, nga tumanyi bulungi nti ekyo Ssetaani yakikola okusobola okubaziba amaaso eri Ekintu kino bwe kinaaba kizze. Nsaba nti, akawungeezi kano, mu mwoyo gumu, bakkirize Yesu Kristo, bakkirize ekisuubizo Kye, nti yazuukira mu bafu.

231 Wagamba nti, "Mu kiseera we batasuubirira, awo Omwana w'omuntu w'alijjira."

232 Mu kiseera kyennyini nga ekkanisa efunye, omudidi gwayo ogw'ensimbi, nga ezimbye ebizimbe eby'obukadde bwa ddoola. Nzikiriza, kyandibadde kirungi gye bali, Kitaffe, ssinga basigala nga bakyayimirira ku nsonda, ne bakuba e—enseege, nga bakutte enkofiira mu ngalo zaabwe, n'akagoma akakaddekadde mu sitenseni bwe batyo nga aba Salvation Army, okusinga okutuula mu mawanika g'emirambo gano ag'ekitiibwa akawungeezi kano, naye nga bagezaako okwefaananyiriza ensi, "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo."

233 Kituwe, Mukama, akawungeezi kano, omulundi gumu nate, Mukama; nga Samusooni bwe yakaaba nti "Omulundi gumu nate, Mukama, omulundi gumu nate." Leka kimanyibwe nti Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda; abeera obumu jjo, leero n'emirembe gyonna. Era weeyoleke mu makkati gaffe, basobole okulaba akabonero, oba oli awo banakkiriza Eddoboozi. Mu kino, nsabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

234 Tugenda kuyita olunyiriri lw'ab'okusabirwa, mu bwangu ddala. Ndaba kati bwe budde bwennyini bwe tubadde tulina okubasiibula. Naye leka tubeere n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa, olunyiriri lw'ab'okusabirwa olumpimpi, n'oluvannyuma tunaatandikira awo enkya.

235 Yagabye kaadi z'ab'okusabirwa leero. N'olw'ekyo, tugaba kaadi buli lunaku, kibeere nti buli muntu asobola okufuna akakisa ne bw'aba ajjidde mu kiseera ekitalo kyo. Okuyimirira mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, ekyo si kye kikuwonya. Buli muntu akimanyi nti, mu buli lukuŋŋaana, bangi nnyo abawonyezebwa nga bali eyo okusinga abawonyezebwa nga bazze wano waggulu, okiraba, bwe kiba bulijjo. Omwoyo Omutukuvu buli wamu abeerawo. Ky'Agezaako okukola kwe kuzuula abakkiriza, kye kyokka, b'Asobola okutuukako.

236 Yagabye kaadi z'ab'okusabirwa eziriko ennyukuta P, nga erinnya Pawulo. Leka, tubadde wa...Kale, tutandikire ku emu. Emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, bayimirire erudda wano eno, bwe baba basobola. Abalina kaadi eziriko ennyukuta P, nga erinnya Pawulo, okuva ku emu okutuuka ku kkumi, muyimirire ku ludda luno wano, bwe muba musobola okuyimirira. Bwe muba temusobola, tusobola okufunayo abayamba. Kkumi; emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana... Kale, wabulayo babiri. Munaana, mwenda, kkumi, kale. Kkumi okutuuka ku kkumi na ttaano, kkumi okutuuka ku kkumi na ttaano, kuba kweyongerako abalala bataano. Kkumi na ttaano okutuuka ku abiri, muyimirire ndabe oba nga ddala muyimiridde; P, kkumi na ttaano okutuuka ku abiri. Abiri okutuuka ku abiri mu ttaano. Leka tulabe kaakano, wonna w'oli. Kati abasigadde mwenna abali mu kibiina mwewombeekere ddala, okumala eddakiika ntonotono. Eyo ye kaadi y'ab'okusabirwa eriko ennyukuta P, okuva ku nnamba emu okutuuka ku abiri mu ttaano. Si bwe kiri? Abiri mu ttaano, emu okutuuka ku abiri mu ttaano.

237 Kaakati abalala mwenna mwewombeekere ddala. Katonda mumuweere ddala ekitiibwa, n'Obubaka. Kikukakatako eri Katonda, okusiriikirira okumala eddakiika n'ofumiitiriza.

238 Kati ndowooza bali mu kutegeka bantu. Abo abata...Abo bonna abalina kaadi z'ab'okusabirwa, bonna tebali mu lunyiriri, naye bagenda kulaba; bagenda kumbuulira mu ddakiika ntono ddala, era bagenda ku...oluvannyuma tulabe oba oli awo waliwo omu nga kiggala oba omulala nga teyeesobola.

239 Ssimanyi we bali, ab'emikwano, abalina kaadi ezo ez'ab'okusabirwa. Omulenzi ajja wano...(Ani yazigabye? Ye ggwe, oba Billy? Billy?) Ajja wano wansi, kaadi ezo zonna n'azitabikatabika, nga bantu mmwe mulaba, bw'amala n'akuwa kaadi ey'okusabirwa; n'asembera ddala wansi, n'abagamba mutuule, abawe kaadi z'ab'okusabirwa. Mukiraba? Nze mba ssimanyi we bali. Mbadde ngezaako kulinnyisa mwana ono wano, okiraba. Ate, abalala, mba ssi—ssirina na kye mbamanyiiko, ssi—ssirina ngeri gye nnyinza kukimanya. Ndowooza Katonda bw'atyo bw'akitegeka nga Akyagala kibeere bwe kityo.

240 Kaakati, kati mmwe abasigadde, abatalina kaadi. Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Ssirina kaadi y'abo ab'okusabirwa, naye ndi mulwadde." Yimusa omukono gwo, wonna wooli mu kizimbe. Ssifaayo wonna wooli, yimusa o . . . Kale, abantu abali wano si be bangi ekiri awo, kati. Kati, okusinziira kw'ekyo, tekijja kutwala kiseera kiwanvu okusabira abanaaba mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa enkya. Waliwo nga abiri munda wano, nga oggyeeko abayimiridde wano, abalwadde.

241 Ekyo kirungi. Nsanyuse okukulaba nga okikkiriza bw'otyo. Obadde n'okukkiriza kungi okusinga ne bwe mbadde nsuubira, oba oli awo. Okiraba? Okiraba? Bw'oba okkirizza okuwonyezebwa kwo, kaadi yo n'ogisuula eri, Katonda akuwe omukisa. Okwo kukkiriza kwennyini okwa nnamaddala. Tewali akutaddeko mikono; ggwe akutte ku Kristo.

242 Kati mmwe abali wano akawungeezi kano, abatagenda kuba mu lunyiriri lwa baakusabirwa, mukkirize ebyaliwo bino. Nga omukazi eyakwata ku lukugiro lw'omunagiro Gwe, n'Akyuka n'akitegeera nti omukazi amukutteko, bameka abajjukira ebyaliwo ebyo? Mazima, mubijjukira.

243 Kati mukkiriza nti, ye, Bayibuli egamba mu Abaebbulaniya 4, nti, "Ye Kabona Omukulu, mu kaseera kano kennyini, asobola okukwatibwako n'enneewulira y'obunafu bwaffe"? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati, bw'Aba nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, taakole mu ngeri y'emu nate? ["Amiina."] Takikozenga, wano, buli kiro? ["Amiina."] Bameka ababaddeko mu nkuŋŋaana ziri endala ne bamulaba nga Akikola? Muyimuse buyimusa . . . ["Amiina."] Mazima. Okiraba? Wonna mu nsi! Amanyi, Amanyi byonna ebikukwatako.

244 Kati mulaba kye ngezaako okukola? Bameka abategeera kye njagala mukole? Mukiraba? Njagala ggwe kennyini, nga tewali muntu yenna akutaddeko mukono, njagala ggwe, nga enkolagana yo eyannamaddala ne Katonda, ogambe nti, "Yesu Kristo, nkukkiriza. Nkukkiriza kaakano nga Omuwonya wange. Nkukkiriza kaakano nga Omulokozi wange. Nkikkiriza n'omutima gwange gwonna, omulimu gwakyo guwedde." Kati nyweza ekisuubizo ekyo, nyweza okwatula kwo ogende nakwo mu maaso. Weetegereze ebinaddirira. Okiraba? Weetegereze ebinaddirira. Okiraba? Kaakati ekyo kye ngezaako okubaleetera okukola, engeri yennyini gye tulina okukkirizaamu.

245 Ogambye ki? [Waliwo ayogera nti, "Nnya ne kkumi na mwenda."—Omuk.] Nnamba nnya, kaadi nnamba nnya ne nnamba kkumi na mwenda ez'ab'okusabirwa, teziriiwo. Kaadi nnamba nnya ey'ab'okusabirwa. Baako gw'otunuulira; tunula ku kaadi z'abo abakuliraanye. Kaadi z'ab'okusabirwa nnamba nnya ne kkumi na mwenda. Kale, tusooke tulindeko, katono. Mulabeeyo, bwe simufuna, mbeera ate era nja kuddayo emabega kw'ekyo, mukiraba. Ogambye ki? Ogambye ki? ["Nnya."] Nnya

ogifunye? Ate kkumi na-. . . Kkumi na mwenda tennalabika. Ogambye ki? [“Ne nnya.”] Kaadi nnamba nnya tennalabika, wadde kkumi na mwenda. Bwe wabaawo abalina kaadi ezo, mwandizze mu lunyiriri. Oba, labayo, laba eno, kiyinzika okuba. . . waliwo alina. . . Omwana oyo omuto yafunye kaadi? Mukebere, si ye yo. . . Nnamba si ye yo. Omukyala *ono* ali wano yafunye kaadi, mu kagaali k’abalema kano? Mukebere ennamba ye. Ye—y’eyo ennamba ye? Omukyala oli ali ku katanda, huh? Bagifunye. Zi, zonna ziweddeyo kati. Kale. Kale. Kati—kati, mmwe abalina kaadi z’ab’okusabirwa, muzinyweze. Tugenda kuweereza, olw’ekisa kya Katonda.

246 Kaakati, ab’emikwano, nga bwe kiri nti kano ke kawungeezi akasembayo ke tugenda okuba nako, nga enkya kawungeezi ka lwa Ssande, leka tusiriikirire. Kati ddira obutakkiriza bwonna bw’olina na buli—buli kirowoozo kyonna ekikyamu, obiteeke wansi, obirinnyeko, nga bwe tuyinza okugamba. Oyogere nti, “Mukama Yesu, ŋŋenda kukukkiriza.” Ekyo bameka abanaakikola? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Mwebale. Katonda abawe omukisa.

247 Kati tewabaawo avaawo. Tosagaasagana, kkiriza. Tunula eno, olabe.

248 Okweyoleka kwa Katonda bulijjo kubaddenga kumanya, kusobola okulengera ebibaddewo, n’okwogera ebyali bibaddewo, ebigenda mu maaso, oba ebigenda okubaawo. Ekyo tukimanyi. Bannabbi kw’ekyo kwe baategeererwanga. Kw’ekyo Yesu kwe yategeererwa nga Masiya. Era Ye Masiya y’omu ne leero nga bwe yali luli, enjawulo eri emu yokka nti tali mu mubiri ogukwatikako. Yatuma Omwoyo We okukomawo akozese omubiri gwo, omubiri gwange. Kati, ggwe kino oyinza obutasobola kukikola. Tukimanyi, mu Byawandiikibwa, nti wabaawo omu yekka mu mulembe gwonna. Naye, labayo, naye musobola okukikkiriza, era mulina ebintu ebirala bye musobola okukola, buli omu ku mmwe.

249 Watya ssinga engalo yange esalawo, nti olw’okuba yo si liiso lyange, kale tejja kuddamu kuba ngalo yange? Watya ssinga omukono guno gugamba nti, “Ssigenda kuddamu kwegolola, kubanga bwe mba siri liiso, oba kutu, ssigenda kuddamu kwegolola?” Ekyo, kiba kigenda kulemaza omubiri gwange.

Ggwe beera ekyo Katonda kye yakukolera okuba.

250 Emirundi emeka gye nneegombye Orala Roberts, Billy Graham, Tommy Osborn!

251 Abamu ku basajja bano basobola okuyingira wano ne bagamba bugambi nti, “Ekitiibwa kibe eri Katonda! Mukikkirize!” Okukkiriza okwo kirimaanyi. Ne bagenda, ne bafuluma nga bakyalina embavu nga bwe baabadde.

252 Billy Graham ayimirira n’obubaka, n’ayogera eri abantu mu ddakiika ntono nnyo, n’amala n’agamba nti, “Kola

okusalawo kwo; jangu ku wolutaali." N'ayimirira buyimirizi awo, n'atabaako kirala kyonna ky'akola.

Yambuuza nti, "Kati ggwe okola ky'aki ekyo, Billy?"

253 N'agamba nti, "Nze obubaka bwange buwedde. Buvudde wa Katonda." Ky'ekyo.

254 Ali mu kkanisa y'e Sodoma, kyennyini ddala nga bwe kiteekwa okuba. Erinnya lye lisembyayo ennyukuta h-a-m okuva ku Ibulayimu, lya nnyukuta mukaaga; Ibulayimu lyali lya nnyukuta musanvu. [Erinnya Ibulayimu lya nnyukuta musanvu mu Lungereza.—Omuv.] Mulaba omubaka w'ekkanisa eyo, emmanga eri mu Babulooni? Mazima ddala. Tewali musajja yenna mu ggwanga lyonna anyweredde ku bubaka obwo obw'okwenenya, nga Billy Graham. Ayimirira awo. Bw'amala n'avaawo, n'agenda yeeriira akanyama ak'embiriizi ne yeebaka, n'anywa n'amata g'obuwunga agalimu ne sayiri. Ekyo si kibi.

255 Naye kiba kirala bw'oba olina okuyimirira n'olwanagana n'emizimu! Lumu twali ku Long Beach, Ow'oluganda Jack nange . . . Kitaawo yali ayimiridde awo.

256 Mw. Fuller n'ayimirira, Charles Fuller, ow'oluganda omulungi ddala, n'ayimirira n'abuulira. Mwalimu abantu nga enkumi bbiri oba ssatu olw'eggulo olwo. Ne tutuula mu lukuŋŋaana lwe ne tuwuliriza. Nnali mmaze okwekwata ekizimbe ekyo, nga amaliriza. Era yayimirira n'ayogera ebigambo ebirungi ddala. N'agamba nti, "Waliwo wano ayagala okusembeza Kristo?" Abantu nga babiri oba basatu ne bajja okuwongayo abaana baabwe abawere. Omukazi omu n'agamba nti ayagala kumukkiriza. N'ajja mu maaso n'asabirwako katono, omu ku badiikoni, n'addayo n'atuula wansi. N'amukwatako mu ngalo, n'akyuka n'afuluma. Awo abantu be abayivu, abambadde obulungi, ne bafuluma.

257 Abange ne bayingira, nga abamu basibiddwa mu biziyiza abalalu okwesumulula, abamu bali mu bugaali bw'abalema, bamuzibe, abalema, abagongobavu, abaakutukako ebitundu by'omubiri ebimu. Kati nga okukkiriza kwo ekintu ekifaananako bwe kityo kye kwolekedde!

258 Kaakati wano, Kristo mmuyise ki? Nga abatakkiriza bajjudde wano, bali mu kunoonya nsobi emu, olaba, bagezaako bafuneyo waakiri emu bw'eti.

259 Mujjukira, gye buvuddeko katono wano mu Toronto, twali awo tuyimiridde tubuulira enjiri, tusabira abalwadde. Nnabeeranga mpulira omwoyo ogutali gwa bulijjo; nga guntudde ku kkono. Ne nsigala nga nneetegereza. Waaliwo omusajja eyali atudde awo, eyali apangisiddwa abantu abamu okujja ankube eddogo. Yagendanga mu nkambi z'amagye n'addira abajaasi n'abaavuza n'ababoggoza nga embwa, n'ebirala bwe bityo; kukuba muntu ddogo. Nnawulira omwoyo ogwo omubi. Nnali ssimanyi we gwali guva. Ne nneeyongera

okwekkaanya. Ne ndaba ekisiikirize ekyo ekiddugavu. Ne nsooka nnindako okumala eddakiika ntonotono. Ne njogera nti, "Ggwe omwana wa Ssetaani, lwaki ssetaani azibye endowooza yo n'otuuka okukola ekintu ekifaananako bwe kiti? Kati kubanga ozze okuwamba Katonda, okusomooza Omwoyo wa Katonda, wano bajja kukusitulawo busituzi." N'asannyalalira awo wennyini we yali atudde era na kati akyali musannyalavu. Mukiraba?

260 Eby'ekkanisa tetubizannya buzannyi. Bameka ababaddeko mu nkuŋŋaana ne balaba ebintu ebifaananako bwe bityo nga bibaawo, mumanyi ebintu ebibeerawo? Ddala. Ky'ekyo. Jjukira, teeka e—ekitiibwa mw'ekyo ekigenda mu maaso.

Kati wano, ndowooza, ye muntu asooka. Si bwe kiri?

261 Kati, mulaba, mbuulidde enjiri, ne mbagamba ebyo byennyini ebiteekwa okubeerawo mu nnaku zino. Kati ako kaba kabonero, bwe kibeerawo. Ako ke kabeera akabonero, kati mukkirize Eddoboozi erigoberera akabonero. Mukiraba?

262 Kati wano waliwo omukazi. Ddala, eri mmwe abapya, bino bye biri mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 4, Mukama waffe Yesu bwe yasisinkana omukazi ku luzzi. Baali tebasisinkanangako, mu bulamu, era n'Abuulira omukazi ekyali kimutawaanya. Omukazi n'akitegeera nti oyo ye yali Masiya. Ebyafaayo ebyo mubimanyi? Kiikino kizzeemu okubeerawo nate, omusajja n'omukazi basisinkanye. Kati ono si ye mukazi oli, era nange si nze Musajja oli, naye akyali Katonda y'omu oli. Mukiraba? Kati, Yesu yagamba nti, "Emirimu gye nkola nammwe muligikola," Yokaana Omutukuvu 14:12.

263 Kati, nnyabo, ssikumanyi, ssirina kye mmanyi kikuyimirizza wano. Kyandiba nga nsonga ya mu maka. Kyandiba nga ozze ku lwa muntu mulala. Oba oli awo oli mulwadde. Oba oli awo ki . . . Oba oli awo oyimiridde wano, nga olina kye weerimbiseemu. Bwe kiba kiri bwe kityo, tunaalaba ebinaddirira. Okiraba? Oba oli awo olina ky'ogeegeenya. Kyonna kye kiri, si . . . Oyinza okuba nga oli mukkiriza yennyini owa nnamaddala. Ekyo nze ssikimanyi, wabula ye Katonda akimanyi. Naye ggwe kennyini ogenda kumanya oba nga ddala g'Akubuulira ge mazima oba nedda, t'okitegeere? Bwe gaba nga ddala mazima, ogenda kumanya.

264 Kati, labayo, okukkiriza kwo ekyo kye kulina okukola. Wandyagadde otya okujja wano? Kati bwe waba waliyo omuntu yenna alowooza nti kikyamu, jangu wano otwale omulwadde ono, jangu wano n'abalala bonna obatwale. Kati bw'oba tosobola kukikola, awo nvaako tonsalira musango. Olaba?

265 Kati tunula wano, mwannyinaze, katono. Kati ssirina kye nkumanyiiko, yadde akatono. Mmanyi kimu nti oli mukazi ayimiridde awo.

266 Kati bwe kiba nti Mukama waffe Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, Oyo gwe ndaze nga nkozesa Bayibuli, yasuubiza nti Alikomawo mu nnaku ez'oluvannyuma era yeebikkule mu bujjuvu bw'Omwoyo Gwe . . .

267 Era nga Ekkanisa bw'ezze ekulamu; nga omuntu bw'aba, okuviira ddala wansi ku bigere, okwambuka ku bisambi, okutuuka ku mutwe, era nga omutwe gwe gukulira omubiri. Era n'Omubiri guzze gukula, okuviira ddala ku Kkanisa eyasooka, ne gujjira ddala waggulu, mu kino, mu kuddaabululwa okw'enjawulo, ne gweyongera waggulu, okutuusa kati . . . Guyise mu kuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kati tuli ku Mutwe, Kristo, nga akomawo ku Mubiri, Omubiri gwa Kristo. Ye y'Amanyi. Omukono gwange tegumanyi kya kukola ku bwagwo, omutwe gwange gwe gugukozesa. Naye Ye y'Amanyi, eyo ye nsonga lwaki Ye ye Kigambo.

268 Nze siri Kigambo. Ndi muntu. Naye, olaba, Ye y'aleetera omubiri okukola. Kubanga, yafa okutukuza omubiri guno, asobole okugukozesa, era aguteekemu ebirabo. Nga kiringa okuguggyamu ggiya, awo Omwoyo Omutukuvu n'avuga.

269 Kati awo kibe nti, bw'Anannyonnyola oba n'akugamba bye wali okoze, oba ensonga ekuleese wano, oba ekirala ekikukwatako, ojja kukikkiriza. N'ekibiina munakkiriza ekintu kye kimu ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Tusaba Mukama Katonda akikole.

270 Kaakati emyoyo gyonna egiri wano, ngiwamba, olw'ekitiibwa kya Katonda. Kaakati mukkalire. Temutambulatambula.

271 Sooka otunuleko, eno. "Ntunuulira," nga Peetero ne Yokaana bwe baagamba, nga bayita mu mulyango. Amakulu nti, faayo ku bye njogera. Olaba?

Yesu yabuuza omukazi ebibuuzo bitonotono. "Ndeetera eky'okunywa."

272 Mukiraba, mbadde mbuulira ekintu kye kimu. Kitaffe ye yantumye okujja wano e—e Baton Rouge. Nzuuno.

273 Kitaffe yagamba nti yali yeetaaga okugenda e Samaliya. N'atuula awo.Omukazi ye yasooka okujja gy'Ali. Yakola akabonero kamu ako kokka ku mukazi oyo, ekibuga kyonna ne kyenenya. Enjawulo nga nnene . . .

274 Mulowooza nti, ssinga akola ekintu kye kimu, akawungeezi ka leero, mulowooza buli ali mu Baton Rouge aneenenya? Ekyo nze nkibuusabuusa, ate ggwe? Nkibuusabuusiza ddala. Naye tuli mu nnaku ezisembayo, obubi mwe bweyongeredde okusinga bwe bwali bubadde.

275 Kaakati embeera yo. Oli wano kusabirwa. Ky'ekyo kyennyini. Era omumiro gwe gukuluma. Bwe kiba bwe

kiri, yimusa omukono gwo. Si ekyo kyokka, naye waliwo omuntu omulala gw'osabira. Mwana muto, n'omwana oyo naye alumizibwa mu mumiro. Kale embeera y'omumiro gw'omwana, mulimu ekizimba mu mumiro gwe. Okkiriza nti Katonda anaamuwonya, naye? Akatambaala ako akali mu ngalo zo, ako k'oyimusizza eri Katonda, nga obujulizi... Kati tokibuusabuusa. Genda oteeke akatambaala ako ku mwana. Tobuusabuusa, mu mutima gwo n'akatono. Katonda mwembi ajja kubawonya era mube bulungi. [Mwannyinaffe ayogera n'agamba nti, "Atenderezebwe! Aleruuya!"—Omuk.] Ekyo osobola okukikola? ["Yesu! Weebale, Yesu!"] Kale genda, era Mukama abeere naawe. ["Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!"]

Oli otya? Naawe, tetumanyiganye.

276 Mukkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ako ke kabonero. Kati Eddoboozi, liri nti, "Muddeeyo ku Kigambo!"

277 Nze ssikumanyi; naye Ye akumanyi. Ssinga abaako ne ky'Ambuulira ekikukwatako, onakkiriza nti Ekigambo ekyo kye njogedde kijja kukakasibwa? Okwo kwe—okwo kwe kukakasibwa kwa Kyo. Mukiraba? Nnagambye nti Akikoze; okwo kwabadde kuwa bunnabbi. Kati obunnabbi bwe butuukirira, kitegeeza yagambye nti, "Mukiwulire."

278 Olina embeera ekweraliikiriza ennyo ddala ekutawaanaya, mbeera ya kweraliikirira. Olina n'ekizimba, era ekizimba ekyo kikuli ku kugulu. Bwe kiri, si ky'ekyo? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kaakati okkiriza? ["Yee, ssebo."] Kale nno weddireyo, okkirize. Era, okusinziira nga bw'okkirizza, bwe kityo bwe kijja okuba gy'oli.

279 Oli otya? Ssikumanyi, naye Katonda akumanyi. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ebizibu byo? Ntunuulira. Olina emitawaana. Naye oli wano ku lwa muntu mulala, era omuntu oyo wakula naye. Muganda wo. Ky'ekyo. Kati okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira obuzibu obuli ku muganda wo oyo? Onaakikkiriza? Mulwadde wa mutima. Bwe kiri. Okkiriza nti kati agenda kuwona? Kale nno okusinziira ku kukkiriza kwo, kikubeerere bwe kityo.

280 Jangu, nnyabo. Oli otya? Ssinga Katonda ambuulira obuzibu bwo kye buli, oba bye wali okoze, oba ekirala kyonna, ekyo kinaakuleetera okukkiriza? Okimanyi nti ndi...Si—si—ssikumanyi. Eyo eba nkula Ye nga yeeyolekera mu nze, okusinziira ku Kigambo Kye kye yasuubiza. [Mwannyinaffe addamu nti, "Ndi wa kukikkiriza bukkiriza."—Omuk.] Ekyo okikkiriza? ["Weewaawo. Amiina."]

281 Oli mulala, olina obuzibu nga emyaka omukazi ow'emyaka gyo bw'aba nabwo, naye ekikulu ky'olowooza kiri ku muntu mulala. Ky'oyaayaanira eri Katonda; Katonda tomunoonya ku lulwo, wabula omunoonya ku lwa muntu mulala, ate nga

musajja. Balo. Mulwadde wa mutima. Okkiriza nti Ajja ku. . . Katonda ajja kumuwonya? Genda, okikkirize. Era, okusinziira nga bw'okkirizza, bwe kityo bwe kinaakubeerera.

282 Kati, mulaba, okubuulira okwo kwonna, okumala essaawa eyo gye mmaze nga mbuulira. Okwo, ekyo kyonna kye kibadde, abantu basatu oba bana abaakayitawo, naye kati ssikyasobola na kuyimirira. Mukiraba? Mulabeeyo, kati ekibiina kyonna kirabika nga ekikwatiridde olufu, wano wonna. Mukiraba? Yesu yagamba nti, "Amaanyi ganvuddemu." Kati bwe kiba nti omukazi omu yekka, okukwata ku kyambalo Kye, kyamuleetera okuvaamu amaanyi, ate nga Ye Mwana wa Katonda, olwo ate nze, omwonoonyi eyalokolebwa ekisa Kye?

283 Yagamba nti, "Ebintu bye Nkola nammwe mulibikola. Mulikola n'*ebisinga obungi* ku bino." Mmanyi enzivuunula ya Ssekabaka Yakobo egamba, "ebisingako okuba eby'amaanyi." Naye bw'ogoberera enzivuunula eyasooka, yo egamba nti, "*N'egisinga obungi* ku gino muligikola." Tewali asobola kukola gisingako kuba gya maanyi. Yazuukiza abafu, yayimiriza obutonde, n'akola buli kimu kyonna. Wabula n'Agamba nti, "*N'egisinga obungi* ku gino muligikola, kubanga ŋŋenda eri Kitange."

284 "Ensi tejja kuddamu kundaba; wabula mmwe mujja kundaba, kubanga, Nze. . . " Mulabeeyo, "Nze," Nze—nze eyo nnakasigirwa ey'omuntu. "Nze nja kubeera nammwe, era mu mmwe." Kati awo, takyali muntu. Aba Kristo.

285 Ebyo mbyogera nga, kugezaako okwekunkumulamukko, ngezeeko okukomawo nate. Ogenda n'ova mu mbeera yo ey'obuntu okutuusa lw'o. . . Nga toli waggulu *wali*, wadde wansi *wano*; wabula nga oli wakati. Bameka abakitegeera? Mmanyi mu—mulowooza mukitegeera. Nange, bwentyo.

286 Mubadde mukimanyi nti abawandiisi b'ebitontome ne bannabbi bulijjo babeera nga abazoole? Bameka abakimanyi ekyo?

287 Bameka abaali bawulidde ku William Cowper, omuwandiisi w'ebitontome Omungereza nnakinku? Mumumanyi, eyawandiika, "Waliwo ensulo ejjudde Omusaayi, ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri." Bwe yamala okuwandiika oluyimba olwo, mwali muwulidde ku byamutukaako? Nnayimirirako ku mabbali g'ekijja kye gye buvuddeko. Yagezaako okwetta, n'abbira mu mugga.

288 Bameka abaali bawulidde ku Stephen Foster, eyawandiikira Amerika ennyimba zaabwe ez'ekinnansi ezisinga obulungi? Yaziggyanga mu mutwe so si mu mutima. Buli mulundi lwe yafunanga okuluŋŋamizibwa, nga awandiikayo oluyimba. Okuluŋŋamizibwa bwe kwamuvangako, n'abeera awo nga yenna takyetegeera, nga tabitegeera. Ya—ya—yabeeranga atamidde. Era ku nkomerero ya byonna okuluŋŋamizibwa okwo

bwe kwatandika okumuvaako, n'ayita omukozi we, n'akwata akagirita ne yetta. Ky'ekyo.

289 Mulabe Eriya, nnabbi. Yayambuka engulu eyo n'ayita omuliro okuva mu ggulu; n'ayita enkuba okuva mu ggulu olunaku olwasooka; n'aggala n'eggulu ebyo byonna n'abikola. Naye okuluŋŋamizibwa bwe kwamuvaako, n'adduka n'agenda mu ddungu nga ayagala na kufa. Katonda n'amuzuula, nga wayiseewo ennaku amakumi ana, n'amuwalula n'amuzzaayo mu mpuku. Si bwe kyali?

290 Mulabe Yona, nnabbi. Bwe yamala okuwa obubaka bwe, yayambuka n'atuula eyo ku kasozi, n'asaba Katonda amukkirize afe. Uh-huh. "Kkiriza omuddu Wo agende mu mirembe."

291 Abantu tebakitegeera. Nedda, nedda, temulikitegeera. Nange ssisobola kukinnyonnyola, newankubadde omuntu omulala yenna. Tosobola kunnyonnyola Katonda. Katonda tomutegeera kuyita mu kunoonyereza kwa ssayaansi. Katonda ategeerwa kuyita mu kukkiriza. Tumukkiriza bukkiriza. Oyinza kunnyonnyola otya? Awo kuba kukyali kutya okukkiriza, oluvannyuma lw'ekyo? Katonda tumutegeera lwa kukkiriza.

292 Ekkanisa terisobola kutegeera maanyi na bukoowu, na kufuba n'okugesezebwa, biba biyitiddwaamu okusobola okubuleeta, Obubaka. Ye y'amanyi. Empeera yange teva mu bantu.

293 Tunula wano, nnyabo. Yee, mu bwangu. Omukazi oyo aliko ekisiikirize ky'okufa. Katonda bw'atajja eri mukazi ono mu bwangu ddala, ndaba nga . . . Temulaba kintu ekyo ekiddugavu ekimwetoolodde waggulu? Ajja kufa, awatali kubuusabuusa. Gye buvuddeko wano, baakuba ekintu ekifaananako bwe kityo ekifaananyi, era nkirina eka. Aliko ekisiikirize ekiddugavu ekirengejjera okumpi naye. Aliko ekisiikirize ky'okufa.

294 Mukazi wattu baamulongoosa. Era mu kulongoosebwa okwo, baali balongoosa kookolo. Era kati yenna atawanyizibwa, na—na buli kimu, buli kimu kimuluma. Ekisooka, oli munafu nnyo tosobola kuyimirira. Ate ekirala, ovaamu amasira mu kawago. Kati, ebyo bibadde bya kukulaga nti simala googera. Okiraba? Bwe kiri. Naye, nnyabo, omusawo yagezaako. Mmuwa obubonero olw'ekyo. Wabula, yali ddagala bulagala, naye Katonda y'awonya. Ogenda kufa bw'otyo. Yakola byonna bye yali asobola okukola. Okkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Jangukko, katono wano.

295 Naye olw'omulimu ogwampeebwa Katonda Omuyinza wa byonna, ogwantegeezebwa Malayika, ali wano kaakano mu kifaananyi eky'Empagi y'Omuliro, nnenya ssetaani ono ayagala okutwala obulamu bw'omukazi ono. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Genda, kkiriza kaakano. Kkiriza, na byonna ebiri mu ggwe.

296 Obuzibu bw'olina bwe butta abantu okusinga ekintu ekirala kyonna, bulwadde bwa mutima. Bagamba mbu eyo ye ndwadde esingira ddala, naye si bwe kiri, ssebo. Ekibi ye ndwadde emanyiddwa okuba...nti y'esookera ddala. Okkiriza nti Asobola okuwonya omutima ogwo n'oba bulungi? [Ow'oluganda addamu nti, "Mmanyi nti Ayinza."—Omuk.] Kale nno genda, kikkirize. Katonda akuwe omukisa.

297 Olowooza Katonda asobola okuwonya omugongo gwo n'obeera bulungi? Okikkiriza n'omutima gwo gwonna? Genda, okikkirize, mwannyinaffe. Lindirira ekinaabaawo, ojja kuba bulungi.

298 Amakajja n'obulwadde bw'omutima. Naye okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Nzikiriza."—Omuk.] N'omutima gwo gwonna? ["Yee, ssebo."] Onaakikkiriza? ["Yee, ssebo."] Okusinziira nga bw'okkirizza, bwe kityo bwe kigenda okuba gy'oli. Kati nno genda, kikkirize n'omutima gwo gwonna, ne Katonda anaakuwonya.

299 Naawe olumizibwa omugongo. Okkiriza nti Yesu Kristo asobola okukuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Genda kaakano, kikkirize n'omutima gwo gwonna. Ssisobola kukuwonya, olaba.

300 Kawago, kweraliikirira, n'ekirala olina amakajja. Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya, n'oba bulungi? Okikkiriza? Genda, okikkirize, kale.

301 Okukolola, emirundi mingi kukubuzaako otulo. Naye Katonda awonya asima. Ekyo okikkiriza? [Ow'oluganda addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Okkiriza nti akuwonya kaakano? ["Yee, ssebo."] Katonda akuwe omukisa. Weebale, olw'okukkiriza kwo.

302 Watya ssinga ssoogera naawe yadde ekigambo ekimu, ne nkuteekako buteesi mikono, wandikkiriza? [Ow'oluganda addamu nti, "Yee."—Omuk.] Jangu wano. Nkuteekako emikono, mu Linnya lya Yesu Kristo, era leka amakajja gakuveeko. Gagenda.

303 Jangu. Jangu, mwannyinaze. Okkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, "Yee, ssebo. Mukama yali amponyezzaako."—Omuk.] Kale, ekyo nga kirungi nnyo. ["Aleruuya!"] Kati genda weeriire ekyeggulo, olubuto lwo lujja kuba bulungi. ["Aleruuya! Aleruuya! Aleruuya!"]

304 Omugongo gukuluma nnyo, gukutawaanyirizza ebbanga ddene. Genda, nga okkiriza nti o...Genda, nga okkiriza nti ojja kuba bulungi, ne Katonda anaakikukolera. [Ow'oluganda agamba nti, "Katonda akikoze. Amiina."—Omuk.] Amiina. Ekyo kirungi. ["Mukama atenderezebwe."] Mukama akuwe omukisa, ow'oluganda. Amiina.

305 Obulwadde bwa sukaali temuli kantu, eri Katonda okubuwonya. Asobola okubuwonya. Ekyo okikkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, "Nzikiriza."—Omuk.] Kale. Kikkirize, era genda omukkirize kaakano n'omutima gwo gwonna.

306 Naawe omulina mu musaayi gwo. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Genda, kikkirize n'omutima gwo gwonna, obeere bulungi.

307 Okkiriza nti yakuwonyerezza wali kiri bwe kyakukomyeko? Yakuwonyezza.

308 Bulwadde bwa kikyala. Bulwadde bwa mutima. Okikkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, "Nkikkiriza."—Omuk.] Genda, wo—wonyezebwa mu Linnya lya Yesu.

309 Okkiriza nti Katonda anaawonya omugongo gwo, ensigo zo zijja ku . . . Akuwe omukisa! Genda bugenzi.

Nze ssiwonya. Ssisobola kuwonya. Ssiri muwonya.

310 Olowoozezza ki bw'Ayogedde ku mugongo gwe, okkiriza nti naawe ogugwo guteredde, nagwo? Kale, genda bugenzi, nga okikkiriza, kati . . . Genda bugenzi nga okikkiriza, n'omutima gwo gwonna.

311 Naawe ogugwo, okkiriza nti Katonda akuwonya? Genda, kikkirize, n'omutima gwo gwonna. Katonda ajja kukikuwa bw'ona . . . Wabula, olina okukikkiriza.

312 Okkiriza nti naawe, Katonda anaakuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Mukama atenderezebwe! Ddala nzikiriza."—Omuk.] Kale. Katonda akuwe omukisa. Yitawo buyisi ogende nga okkiriza n'omutima gwo gwonna.

313 Jangu, ssebo. Ndabye ettondo eryeru ery'obukadde nga litonnya wansi. Ekyo kiba kitegeeza ekikuluma bulwadde bwa sukaali. [Ow'oluganda addamu nti, "Bulwadde bwa sukaali."—Omuk.] Okkiriza nti Anaakuwonya? Kaakati leka tugendeko e Kalivaaliyo okyusibwe omusaayi. Olw'okukkiriza, mu Linnya lya Yesu Kristo, nsaba awonyezebwe. Amiina. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Kkiriza n'omutima gwo gwonna. Okkiriza? ["Kituufu ddala."]

314 Ate kati abamu ku mmwe abali eyo mu kibiina? Mukkiriza n'emitima gyammwe gyonna, nti Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna? Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

315 Ate mmwe abali mu kitundu *kino*? Omukyala oyo atudde, antunuulidde, atawaanyizibwa obulwadde bw'ekikyala, okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Ayambadde akakooti aka bbululu. Kale. Kkiriza kaakano, Yesu Kristo akuwonya. Kyangu bwe kityo.

316 Omukyala atudde awo wennyini emabega wo, ow'enviiri enzirugavu. Agambye nti, "Weebale, Mukama." Waliwo ekimukutteko. Tategedde kibadde kiki Ekyo. Obulwadde bw'akawago bukuvuddeko, ggwe atudde awo, awo wennyini emabega w'omukyala eyaakawonyezebwa. Bw'oba okkiriza n'omutima gwo gwonna, nnyabo. Okkiriza? Kale, yimusa omukono gwo bw'oba oyagala okukikkiriza. Katonda akuwonya.

Ate erudda eno wansi, waliwo omuntu yenna *wano*?

317 Emabega wali mu kibiina, kati mwewombeekere ddala. Temuseguka. Olaba, endwadde zino abamu zijja kubavaako ate zidde ku balala.

318 Ate ggwe, ssebo? Musajja mukulu ono atudde wano mu katebe kano? Okkiriza? Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? Olina amakajja, era olumizibwa ne mu kifuba. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Okkiriza? Kale, osobola okufuna ky'osabye. "Bw'oba osobola okukkiriza!"

319 Olowooza ki, nnyabo, amuliraanye? Naawe, okkiriza? Okkiriza? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekikutawaanya? Oli wala ddala nange. Mukkirize bukkiriza kati. Okkiriza nti nkubuulidde Mazima? Awo nno puleesa yo ejja kukkakkana. Okikkiriza?

320 Naawe, oyimusizza omukono gwo. Obadde ogezaako kumuzzaamu maanyi. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira eki. . . Okoze bulungi nnyo okumuyamba, kaakati ne Katonda anaakola bulungi okukuyamba. Ekizibu ky'olina ekikutawaanya kya mwoyo. Bwe kiba nga bwe kiri, wuuba omukono gwo *bw'oti*. Kati kigenda kutereera. Akitereeza.

321 Bameka abakkiriza? Bameka ku mmwe abanaa-. . . abatali Bakristayo, aba—abawulira nti Yesu Kristo waali wano, abandyagadde okuyimirira kati, mugambe nti, "Yesu, njagala kweyoleka nti ndi mwonoonyi, onansonyiwa ebibi byange?" Muyimirire ku bigere byammwe. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Ekyo. . . Katonda akuwe omukisa, naawe, naawe, naawe. Kino, Akulaba. Erinnya lyo aliwandiika bw'okola ekyo.

322 Erudda eno ku mwaliiro ogwa waggulu, yimirira, ogambe nti, "Mukama wange Yesu, njagala, njagala kwesowolayo. Njagala emmeeme yange esaasirwe." Katonda akuwe omukisa, ssebo. "Njagala kusaasirwa, Mukama wange Yesu."

323 Temukiraba, ab'emikwano, nti Ye ali wano? Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, muwala. Ekyo kye kisingayo obukulu kye wali okoze. Kati omulala atannakikola, yimirira, ogambe

nti, "Mukama Yesu, njagala kwesowolayo. Nneesowoddeyo, akawungeezi kano."

324 "Alyatula okwonoona kwe, alisaasirwa. Akweka okwonoona kwe, taliraba mukisa."

325 Onaakikola, mu Kubeerawo Kwe? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Njagala . . . Katonda akuwe omukisa. Weewaawo. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Mukama akuwe omukisa.

326 Oyinza okugamba nti, "Ekyo kirina amakulu gonna?" Kiri wakati wa bulamu na kufa, ye njawulo eriwo.

327 Okubeerawo Kwe wano mukulaba? Mukulaba? Mukuwulira? Mulaba, mukulaba, mukulaba bwe kukola. Oyo ye Ye. Ky'ekyo kyennyini kye yagamba ky'Alikola. Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

328 Waliwo omulala yenna agamba nti, "Njagala kwejjayo nga omwonoonyi, Mukama. Nsonyiwa ebyonoono byange kaakano." Bw'oba obadde wayimiridde dda, yimusa buyimusa omukono gwo waggulu. Abamu ku mmwe abetoolodde ebisenge, muyimuse . . . Katonda abawe omukisa. Katonda abawe omukisa. Waliwo omulala yenna agamba, waggulu eri mu mwaliiro ogwa waggulu awasemba, agamba nti, "Njagala kwesowolayo nange, Mukama Yesu. Nsaba kusaasirwa, akawungeezi ka leero, mu Kubeerawo Kwo Okutukuvu, nga nzikiriza nti, Katonda yennyini alinsalira omusango, Okubeerawo Kwe kuli wano kaakano. Amanyi nti Ayogera eri omutima gwange era nga antegeeza nti ndi mukyamu. Njagala kuyimirira njatule nti ndi mukyamu. Njatula okusobya kwange. Onnumiriza, mu mutima gwange." Eyo ye nsonga lwaki olunyiriri lw'ab'okusabirwa nnaluyimirizza. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa.

329 Mulowooza lwaki nnaluyimirizza? Nnaluyimirizza kuba nnategedde nga ekyo kirina okubaawo.

330 Kati, waliwo abalala wano, temuusituke? Situka oyogere nti Waliwo ekyogera eri omutima gwo nga kikugamba nti, "Wayonoona." Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. "Nnayonoona. Nsonyiwa, Mukama. Nneesowolayo. Nnyimirira, Mukama, mu Kubeerawo Kwo. Mmanyi nti Oli wano. Nni . . . Oteekwa okuba wooli wano. Wagamba nti kino kye ki—kintu kye walina okukola. Kaakano nze . . . Akabonero nkalaba, era nkimanyi kannyinyonnyoddwa nti ke kateekwa okuba akabonero k'ennaku zino. Mpulira Eddoboozi eriyise okuddayo ku kwenenya. Nzuuno, Mukama. Nzikiriza akabonero. Mpulira Eddoboozi."

331 Eddoboozi lyogera gye muli kaakano! Mukyuke, Mmwe abaasaasaana! Kyuka, Ai ggwe emmunyeenye ebungeeta!

Mukyuke, Mmwe abaali baagoberwa ebweru! Mukyuke, akawungeezi kano!

332 T'okyuuke? Situka busitusi ogambe nti, "Nneesowolayo nga omwonoonyi, nsaba kusaasirwa." Onaakikola, omulala yenna? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, waggulu awo, mutabani. Nze bwe sikulaba, Ye ajja kukulaba. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Ekyo kirungi nnyo ddala. Ekyo kirungi nnyo ddala. Eriyo omulala? Musigale nga... Nkyayagala okweyongerayo nakyo okumala eddakiika nga emu, kubanga nkyawulira okuzitoowererwa wano, mukiraba. Eriyo omulala? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Bwe kityo bwe kirina okukolebwa. Ky'ekyo. Eriyo omulala agamba nti, "Njagala kwesowolayo, nsituke ŋŋambe nti nnayonoona. Nsaba kusaasirwa"? Onaakikola? Mangu ddala nga tetunneeyongerayo, situka ogambe nti, "Njagala kwesowolayo, Mukama Yesu." Katonda akuwe omukisa, muwala.

333 Omanyi, oba oli awo bw'onaaba tonnatuuka waka, naye mu kiseera ekimu oba ekirala waliwo olufu olunnyogoga olulikuyita mu maaso. Oba oli awo lumu ku makya omusawo alijja n'akukebera n'asanga nga entunnunsi zo zikuggwaamu, nga tewakyali kirala kya kukola. N'olyoka owulira amayengo g'okufa amannyogovu nga gaseeyeeya gayingira mu maaso go. Olijjukira bye wakola.

334 Jjukira nti, tebasobola kukuziika wansi nnyo kisusse, tebalina kye basobola kukukolako. Katonda yasuubiza nti, "Ndiddamu ne nkuzuukiza, ku lunaku lw'enkomerero." Labayo. "Oyo awulira Ebigambo byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Kale kisangule Ekyo bw'oba osobola. Yesu Kristo ye yakyogera Ekyo. "Akkiriza (ekitegeeza nti 'ategeera') Ekigambo Kyange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, talijja mu Musango, mu kunenyezebwa, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Kubanga, aba akkirizza Omwana wa Katonda omu yekka eyazaalibwa, Katonda gwe yazuukiza, kati emyaka enkumi bbiri egyakayita, era nga mulamu ali wano, akawungeezi kano, nga Alaga obusobozi obw'okuzuukira Kwe.

335 Wandibaayo omulala asituka, oluvannyuma lw'ekyo, n'agamba nti, "Njagala kukikkiriza. Njagala kumukkiriza"? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Ekyo kirungi nnyo, nnyabo. Ekyo kikolwa kya buzira. Njagala mulabe.

336 Lumu wano gye buvuddeko, nnatunuulira abantu nga bajja, nga bayitiddwa ku wolutaali, nga bwe beegaayagaaya, abamu bwe bakoonagana obukonde.

337 Naye mulabye obwesimbu ku maaso g'abantu bano? Abakazi abo abato, ate nga bamaze n'okunenyezebwa olw'okukomola

enviiri zaabwe, n'okwetonaatona; ne beesiigasiiga ebirangi, nga enviiri nkomole, naye era ne bayimirira ne boogera nti, "Ndi mwonoonyi. Ayi Katonda, nsaasira." Ezo Nsigo eziri omwo. Omusana guzaaseeko, era bakimanyi. Katonda abawe omukisa.

Kati tukoteke emitwe gyaffe.

338 Njagala buli mukkiriza wano, ayimiridde okumpi n'omuntu oyo eyayimiridde, omuteekeko omukono, (onookikola?), oyo eyayimiridde. Abadde ayimiridde kumpi naawe. Bw'oba nga oli Mukristayo, musseeko omukono gwo ogambe nti, "Mwannyinaze, muganda wange, nkutaddeko omukono gwange. Ŋŋenda kusaba."

339 Kitaffe Ow'omuggulu, waliwo abo abali wano akawungeezi kano aba—abakukkiriza. "Ensigo ezimu zaagwa ku mabbali ga kkubo," Wagamba nti, "Ebinyonyi byajja ne bizirondawo. Endala zaagwa ku ttaka lya lwaziyazi, ne mu maggwa ne mu mwennyango. Naye ezimu ne zigwa mu ttaka eddungi, eggimu." Era Okubeerawo Kwo nga bwe kuli wano kaakano, akawungeezi ka leero, kukkirizisizza bangi nti Ggwe Mwana wa Katonda, nti era Oli mulamu emirembe n'emirembe. Era Wasuubiza, kubanga Oli mulamu, naffe tusobola okubeera abalamu.

340 Mukama Yesu, basituse ne bayimirira nga obujulizi nti bakukkirizza. Kaakano, Mukama, mmanyi nti oliyimirira ku lwabwe ku Lunaku luli. Kikole, Mukama. Mbawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo. Nsaba bafuneyo ekkanisa ennungi babatizibwe mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo. Beegatte ku kibiina ekirungi eky'abakkiriza. Bajjuzibwe n'Omwoyo Omutukuvu. Babeere ebirabo eby'Enjiri, amayinja ag'omuwendo mu ngule Yo ku Lunaku luli. Era bwe ssiriddamu kubalaba ku ludda luno nga Olunaku olwo olukulu terunnatuuka, nsaba mbalabe ku Lunaku luli nga mu kwolesebwa, nga bagamba nti, "Tonzijukira? Twali mu kibuga Baton Rouge, ekiro ekyo, ne nnnyimirira." Kikole, Kitaffe. Babo, okuyita mu Linnya lya Kristo.

341 Mu maaso gange, wano, waliwo bookisi y'obutambaala, n'obugatto, obugatto bw'abaana, obutambaala, ebiremba, ne bu apulooni. Tuyigirizibwa, mu Bayibuli, nti baateekanga obutambaala ne bu apulooni, ku mubiri gw'Omutukuvu Pawulo, emyoyo emibi ne giva ku bantu. Kaakano, Kitaffe, tumanyi nti tetuli Pawulo Omutukuvu, naye Ggwe okyali Katonda y'omu, n'olw'ekyo nsaba Otuwe ebivaamu bye bimu, ne mu mulembe guno nga bwe gukkirizza mu bwesimbu. Pawulo tebaamukkiriza lwa kuba yali Pawulo; Pawulo baamukkiriza kuba weeyoleka Ggwe Kennyini wamu ne Pawulo. Ne kaakano bakkiriza ekintu kye kimu akawungeezi kano, Mukama, nti olabisiddwa mu makkati gaffe, akawungeezi kano. Era lumu, tulyogera nti . . .

342 Omuwandiisi omu atugamba, nti, "Isiraeri baali mu lugendo lwabwe okugenda mu nsi ensuubize, Ennyanja

Emmyufu n'ebeekiika mu kkubo, okubalemesa okugenda mu nsi ensuubize." Omuwandiisi n'agamba, nti, "Katonda yatunula wansi n'amaaso agajjudde obukambwe, okuyita mu Mpagi y'Omuliro, bwe yatambulira waggulu wa Isiraeri. N'ereetawo okuziba amaaso, ekizikiza eri atakkiriza, naye ate nga kitangaala eri Isiraeri. Era Ennyanja eyo Emmyufu bwe yeekiika mu kkubo, yatya, ne yeezingako n'evaawo, Isiraeri ne basomoka okugenda mu nsi ensuubize ku ttaka ekkalu."

343 Mukama Katonda, tunula wansi akawungeezi kano, nga oyita mu Musaayi gwa Yesu Kristo, Omwana Wo. Nga nteeka emikono gyange ku butambaala buno, bwe bunaateekebwa ku balwadde, nsaba Omwoyo Omutukuvu, Mukama, atunuulire omuntu oyo, era obulwadde bubaveeko, basomoke okudda mu nsi ey'obulamu obulungi n'amaanyi. Nga, Bayibuli bw'egamba nti, "Okusingira ddala," nti baasaba tubeere "n'obulamu obweyagaza." Kikole, Mukama. Mbuweereza, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

. . . gye nnaagendanga,
Gy'Anantwalanga . . .

Tuyimbe buyimbi.

. . . gye nnaagendanga,
Nnaagenda naye,

Kaakano Okubeerawo Kwe kuli wano, leka tumusinze mu luyimba, oluseeneekerevu.

. . . olugendo lwonna.

344 Ddala, musobola okuluyimba, bwe muti:

Gy'Anantwalanga gye nnaagendanga,
Gy'Anantwalanga gye nnaagendanga,
Gy'Anantwalanga gye nnaagendanga,
Nnaagenda . . .

Bw'oba onaagenda, kaakano yimusa omukono gwo.

. . . naye olugendo lwonna.

Tuyimirire kati, muyimuse emikono gyammwe nate.

. . . naye okuyita mu lusuku,

345 Buli omu yimbira mu Mwoyo kaakano. Obubaka obusalira ddala. Tumusinze mu Kubeerawo Kwe. Ayagala okusinzibwa.

. . . mu lusuku,
nnaagendanga naye nga tuyita mu lusuku,
nnaagenda naye, naye . . . lwonna.

Kati tulumuumuunye.

Nsobola . . .

346 Kaakati nga bw'okola ekyo, njagala obeeko gw'okwatako mu ngalo, omugambe nti, "Katonda akuwe omukisa, mutambuze. Katonda akuwe omukisa, mutambuze," bw'otyo.

Ffenna bwe tuli buli omu eri munne. Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abapentekoote, mwenna mukwataganeeko mu ngalo nga mugamba nti, "Katonda akuwe omukisa, mutambuze." Ekyo kye tuli: tuli batambuze.

. . . mu lusuku,

347 Katonda akuwe omukisa, mutambuze. Katonda akuwe omukisa, tutambula wamu na buli omu. Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Katonda akuwe omukisa. [Ebbanga ku lutambi—Omuk.]

. . . lusuku,

Kati ka tuyimuse emikono gyaffe.

Nnaagendanga naye, o, naye olugendo lwonna.

348 Tukoteke emitwe gyaffe, twewombeeke, mu kusaba. Temwerabira, ku makya, Ssande sukuulu.

349 Mu ngeri emu oba endala, mpulira nga Okubeerawo kwa Katonda kwa nnamaddala nnyo mu mutima gwange. Kikyankaluubiriddemu okugenda, akawungeezi kano. Mpulira Omwoyo Omutukuvu musanyufu, akawungeezi kano. Oba oli awo olukuŋŋaana lwe tunaaba nalwo enkya lujja kuba luyitirivu, engeri abantu gye bazzeemu eri Kristo, mulaba. Waliwo eyali yeebuuza lwaki ssiyita bantu kujja kulokoka. Nnindirira okutuusa lwe nnuŋŋamizibwa okukikola. Mukiraba?

350 Nzikiriza nti buli omu yenna eyayimusizza omukono, oba eyasituse, nzikiriza nti ojja kubaako ekkanisa ennungi gy'ogendamu enkya, weefunire ekifo mu bakkiriza.

351 Nga tukotese emitwe gyaffe, ŋŋenda kusaba omusumba wa wano ajje mu maaso, bw'aba asobola, atusiibule. Katonda abawe omukisa kaakano, nga tukotese emitwe gyaffe n'emitima gyaffe mu maaso ga Katonda.

Eddoboozi Ly'Akabonero LUG64-0321E
(The Voice Of The Sign)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwamukaaga akawungeezi, nga Maaci 21, 1964, mu ssomero lya Denham Springs High School mu Denham Springs, e Louisiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org